Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

EQUIPPING CHURCH LEADERS
• EAST AFRICA •

OKUTENDEKA ABAKULEMBEZE B'EKKANISA MU BUVANJUBA BW'AFIRIKA

LUUSI

kya

Jonathan M. Menn

B.A., University of Wisconsin-Madison, 1974
J.D., Cornell Law School, 1977
M.Div., Trinity Evangelical Divinity School, 2007

Equipping Church Leaders-East Africa
3701 N. Gillett St. Appleton, WI 54914
(920) 731-5523
jonathanmenn@yahoo.com
www.eclea.net

2022

Ekitabo kya *Luusi* eyakiwandiika tamanyiddwa, ob'olyawo kyawandiikibwa mu kiseera Yuda we yawaŋangukira mu Babulooni mu 586 BC [Kristo nga tannazaalibwa]. Ebyafaayo byaliwo mu biseera by'Abalamuzi, emyaka 500 oba n'okusingawo ng'obuwaŋanguse tebunnabaawo. Aboogerwako ennyo abasatu ye Nawomi, Luusi ne Bowaazi. Ebyafaayo birimu olugero lw'okwagala okw'ekitalo naye era lwogera ku bintu ebikulu ebiwerako. Ekitabo kyogera ku katyabaga ak'amaka era n'okuzzibwawo kw'amaka ga Nawomi. Enkola ey'okwogala *okutagooka* (enkolagana eyeesigamwe ku kwewaayo okwagala) era n'obuvunaanyizibwa obwa mulamu omunnuuzi (*go'el*) bikulu nnyo mu kuzzaawo ebyali byayonooneka. Emitawaana gy'amaka ago era n'okuzzibwawo kwago bisiiga ekifaananyi kyenteekateeka ya Katonda ennene eri Yisirayiri n'eri ensi yonna. Kale nno, *Luusi* alina by'afaananya ne *Kabakuuku*, nga boogera ku butali bwenkanya mu nsi, obubi, era n'akatyabaga era *1 Peetero*, ayogera ku kuyigganyizibwa n'okubonyabonyezebwa, mu nteekateeka ya Katonda ennamba. *Luusi* era ayogera ku nsonga za langi, ekika era n'ekikula, era ne Katonda okuyingiza "ab'ebweru" okuba ekitundu ku nteekateeka. Ebyabaawo n'ebyakolebwa birabkira ddala nga bya "buntu" nga tebiriimu Katonda oba amaanyi ge ag'enjwulo, era n'okubaawo kwe "byagwangawo" byali bikulu mu byafaayo bino, okutulaga nti Katonda y'eyali mu mitambo mu ngeri zino, *Luusi* afaanana ekitabo kya *Eseza.*

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

EBIRI MU KITABO

I. Ennyanjula……..2
A. *Omuwandiisi, ennaku z'omwezi, ne lwekyassibwa mu Ndagaano Enkadde*……...2
B. *Emiramwa* ……..2
C. *Enzimba n'ensengeka*……2

II. Ebyogerebwa ku Luusi……5
A. *Ennyajula: ebiseera, ebyaliwo, enkola, aboogerwako, n'akatyabaga: Nawomi afiirwa ab'omu maka ge* (1:1-5) ……....5
EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO……...7

B. *Luusi asalawo okusigala ne Nawomi* (1:6-19a) ……...7
EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO ……...9

C. *Nawomi ne Luusi batuuka mu Yerusalemi* (1:19b-22) ……..10
EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO……..10

D. *Luusi ne Bowaazi basisinkana* (2:1-23) ……..11
EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO ……15

E. *Luusi ayogereza Bowaazi* (3:1-18) ……..15
EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO ……18

F. *Bowaazi anunula ebintu bya Nawomi era ne yefunira Luusi* (4:1-12) ……19
EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO ……23

G. *Ennfundikiraa: Bowaazi ne Luusi bafumbiriganwa, bafuna omwana, amaka ga Nawomi gazzibwa*wo (4:13-17) ……24
EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO ……26

H. *Ebifundikira: olulyo lwa Dawudi* (4:18-22) ……...27
EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO ……28

EBIWANDIIKO EBIJULIZIDDWA……28

OMUWANDIISI……...30

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

I. Ennyanjula

A. *Omuwandiisi, ennaku z'omwezi, ne Lwekyassibwa mu Ndagaano Enkadde*

Ebyafaayo bya Luusi byaliwo mu kiseera ky'Abalamuzi, kwe kugamba., oluvannyuma lw'okuwangula Kanani era nga Sawulo tanafuuka kabaka wa Yisirayiri eyasooka mu mwaka nga 1050 BC [Kristo nga tanazaalibwa]. Omuwandiisi tamanyiddwa. Akatabo ka *Babylonian Talmud* (akaawandiikibwa mu 200-400 nga Kristo amzze okujja) Luusi kamuwa nabbi Samwiri. wabula, abayivu abasing obungi kino bakiwakanya. Ekitabo tekisobola kubeera nga kyawandiikibwa nga Dawudi tannabaawo, kubanga ekitabo kyogera ku Dawudi era n'olulyo lwe. Wabula ng'oggyeko ebyo, bangi bakitadde ku nnaku z'omwezi ez'enjawulo, okuva ku bufuzi bwa Dawudi okutuuka mu nnaku z'obuwaŋanguse nga buweddewo (laba Block 1999: 590-98). Si nsonga ani eyali omuwandiisi, wabula yali munyumya mulungi. Mu butuufu, Robert Alter, kakensa w'Olwebulaniya n'ebiyigirizibwa ebigereageranyizibwa, ayogera ku muwandiisi ono "ng'omu ku basinga okubeera n'obukodyo mu bawandiisi ba Bayibuli" (Alter 1981: 58).

Ekitabo kya *Luusi* okukkirizibwa mu Bayibuli ekyo tekibuusiibwabuusibwa. Wabula, okussibwa kwakyo mu Bayibuli kwawukana wakati wa Septuagint (LXX), kwe kugamba, enzivuunula y'Oluyonaani nga baggya mu Bayibuli y'Olwebulaniya, eyaggwa mu 135 BC [nga Kristo tannajja], Endagaano Enkadde ey'Abakristaayo, ne Bayibuli y'Olwebulaniya. Olwokuba **Luusi 1:1** agamba nti ebyafaayo byaliwo *"mu nnaku Abalamuzi webaafugiranga,"* mu Bayibuli y'Oluyonaani ne munsengeka y'ekikristaayo ey'Endagaano Enkadde, ekitabo kya *Luusi* kye kiddirira ekitabo *ky'Abalamuzi*. Wabula, olw'okuba **Nge 31:10-31** woogera ku *eset hayil* ("omukazi ow'embala ey'amaanyi") era nga Luusi ayitibwa *eset hayil* mu **Luusi 3:11**, Bayibuli y'Olwebulaniya eteeka ekitabo kya Luusi nga kiddirira *Engero*. Oluvannyuma enjigiriza y'Ekiyudaaya (kwe kugamba., okuva mu kyasa eky'ekkumi n'ebibiri AD) yateeka *Luusi* ng'ekimu ku bitabo ebitaano (ebiyitibwa Megilloth) ebirina okusomebwa mu mikolo gy'Abayudaaya egy'enjawulo.

B. *Emiramwa*

Ebyafaayo birimu olugero lw'okwagala okw'ekitalo naye era lwogera ku bintu ebikulu ebiwerako. Ekitabo kyogera ku katyabaga ak'amaka era n'okuzzibwawo kw'amaka ga Nawomi. Enkola ey'okwagala *okusaasira* (enkolagana eyeesigamwe ku kwewaayo okwagala) era n'obuvunaanyizibwa obwa mulamu omununuzi (*go'el*) bikulu nnyo mu kuzzaawo ebyali byayonooneka. Emitawaana gy'amaka ago era n'okuzzibwawo kwago bisiiga ekifaananyi kyenteekateeka ya Katonda ennene eri Yisirayiri n'eri ensi yonna. Kale nno, *Luusi* alina by'afaananya ne *Kabakuuku*, nga boogera ku butali bwenkanya mu nsi, obubi, era n'akatyabaga era 1 *Peetero*, ayogera ku kuyigganyizibwa n'okubonyabonyezebwa, mu nteekateeka ya Katonda ennamba. *Luusi* era ayogera ku nsonga za langi, ekika era n'ekikula, era ne Katonda okuyingiza "ab'ebweru" okuba ekitundu ku nteekateeka. Nekisembayo, ebyabaawo n'ebyakolebwa birabikira ddala nga bya "buntu" nga tebiriimu Katonda oba amaanyi ge ag'enjawulo, era n'okubaawo kw'ebyo "ebyagwangawo" byali bikulu mu byafaayo bino, okutulaga nti Katonda ye yali mu mitambo mu ngeri zino, *Luusi* afaanana ekitabo kya *Eseza.*

C. *Enzimba n'ensengeka*

Ebyafaayo byazimbibwa mu bitundutundu eby'ebikolwa musanvu. Ennyanjula eteekateeka ekitundu ekigenda okubaawo ng'enyonnyola obuzibu: okufa kw'omwami wa Nawomi ne batabani be, n'asigala nga tewali amulabirira. Ebikolwa ebiddirira byanjula butya ebizibu bwe binogerwa eddagala. Emboozi ettottola ekyasalibwawo wakati mu buzibu na butya Nawomi gye yazzibwa mu bulamu ne mu kweyagala okuyita mu bufumbo bw'abazannyi abakulu babiri, Luusi ne Bowaazi era n'okuzaalibwa kwa mutabani waabwe, Obedi. Oluyimba olufundikira omuzannyo lutulaga olulyo okuva mu byasa kkumi, okuva mu Pereezi, okuyita mu Obedi, okutuuka ku Dawudi.

Ng'olukalala wansi bwe lukiraga nti omuwandiisi ono ddala ssekanyumiza era olulimi alukuba budinda. Kino kirabikira mu nsengekay'emboozi ze okuyita mu kitabo kyonna. Engatta y'ebigambo ebaawo ng'enkola ebbiri zoogerwako wabula mu ngeri ezigatta awamu, kwe kugamba, mu muteeko: A-B-B'-A'. Engatta, nga bwerabikira mu *Luusi*, eyinza okuzingiramu ensonga endala enkulu etali ku mulamwa ogwo ogwogerwako, kwe kugamba, A-B-C-B'-A'; ekitundu ekyo ekyawakati y'entabiro y'ekinyusi. Engatta y'emboozi erina emigaso mingi: (A) ereeta okwenkanyankanya n'obulungi; (B) etuyamba okwekaliririza omulamwa; (C) etuyamba okutegeera amakulu; (D) esimba essira ku nsonga era n'etuyamba okugoberera omulamwa nga tetutawaanye; (E) etuyamba okulaba ebikwatagana ebipya era n'okugerageranya ebintu.

Engatta yokka ennungi si y'eri wakati w'entabiro enkulu mu kitabo, naye era waliwo okwenkanyankanya wakati w'entandikwa n'enfundikira y'entabiro z'ekitabo kyonna mu bulamba bwakyo. Kale nno, ebigenda mu maaso wakati ku ntandikwa ne kunkomerero y'omuzannyo bitegeerekeka bulungi: ennyanjula y'ebyava mu njala, okufa, n'akatyabaga Nawomi n'abamaka ge kebasisinkana; enkomerero y'okutuukirizibwa

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.
kw'ekisuubizo, obulamu obupya, n'omuyiika gw'amaka. Ekitundu ekyokubiri (II) era n'ekidirira ekisembayo (VI) nabyo bikwatagana: mu bitundu byombi bakaamwana ba Luusi bombi baasalawo okumuyamba (Olupa ne Luusi; Bowaazi ne mulamu we ow'oku lusegere). Mu buli mbeera yonna, ab'olugamda lwe baali beetegefu okumuyamba, naye mu buli mbeera, buli omu ku b'oluganda abo yawuliranga bubi ng'ensonga y'obufumbo eyogeddwako. Wabula era, mu bitundu byombi, Luusi yaweebwa omukisa: yaguweebwa Nawomi mu katundu akokubiri II era n'abakazi ab'e Besirekemu mu katundu VI. Bino era bikwatagana bulungi n'ekitundu ekyokusatu (III) era n'ebitundu ebiddirira ebisembayo (V): ekitundu III kyogera ku madda ga Nawomi ne Luusi e Besirekemu. Ekyo kyabaawo ku ntandikwa y'amakungula ga sayiri (**1:22**), kyokka ate ekitundu V kyaliwo mu *"kuwewa sayiri"* (**3:2**). Ekibuuzo ky'abakazi, *"Ono ye Nawomi?"* (**1:19**) kifaanagana ne kya Bowaazi, *"Ggwe ani?"* (**3:9**). Mu kitundu III Nawomi ne Luusi batuuka e Besirekemu (**1:22**), era mu kitundu V Luusi ajja e Besirekemu (**3:15**); ekigambo ky'Olwebulaniya kikozesebwa buli mulundi. Mu kitundu III Nawomi aggwaamu essuubi, *"Nagenda nnina ebintu bingi, naye Mukama Katonda ankomezzaawo nga sirina kantu"* (**1:21**); mu kitundu V Luusi yagenda talina kantu, naye akomawo ewa Nawomi ng'ajjudde, Bowaazi bwe yamugamba nti, *"tolina kudda wa nazaala wo ngalo nsa"* (**3:17**). Ekitundu ekyawakati (ekitundu IV), Luusi ne Bowaazi bwe basisinkana, obulamu bwabwe bwonna awo we bukyukira.[1]

Obulungi bw'ekitabo kino *ng'ekyafaayo* bulabikira mu nsengeka yaakyo "kubanga kisigala kikutadde ku bukenke nga tomanyi kiddirira. Ekitabo kyonna kyawandiikibwa mu ngeri nti ne kumutendera ogwokusatu abantu basigala bakyebuuza ku mbeera ya bannamwandu bano kye naakolerwa. wabula ebitundu bya kinnoomu (okugeza., okulonderera kwa Luusi, okwogerezebwa Bowaazi, amateeka agafuga omulyango gw'ekibuga) byakolebwa okuleka ng'abantu beebuuza ekiddirira." (Dorsey 1999: 128) kyokka ate ng'eno mboozi nkulu erimu ekinyusi: teyayogera ku buwanguzi bwa Luusi bwokka bwe yatuukako olw'obumalirivu, n'obunyiikivu, n'obuwulize eri Nawomi ne mulamu we Bowaazi n'ekisa kye, naye "enneeyisa eyegombebwa eyayolesebwa Luusi ne Bowaazi esobola okukozesebwa Katonda okuzzaawo ebyali byazikirira eri ab'ennyumba; oba n'okuzzaawo ebintu eby'eggwanga, nga bwe kiragibwa ku nkomererero y'emboozi eno—obufuzi bwa Dawudi" (Dorsey 1999: 128).

Ekitabo kisobola okusengekebwa bwe kiti:[2]

I. <u>Ennyanjula: ebiseera, ebyabaawo, enkola, aboogerwako, era n'akatyabaga: Nawomi afiirwa ab'omu maka ge</u> (**1:1-5**)

A. <u>Ebiseera:</u> *"Mu biseera abalamuzi we baafugiranga"* (**olunyi. 1a**)

B. <u>Ebyabaawo:</u> *"enjala mu nsi"* (**olunyi. 1a**)

C. <u>Enkola:</u> Omusajja okuva e Besirekemu Yuda ngali ne mukazi we ne batani be babiri bagenda e Mowaabu okubeera eyo (**ennyi. 1b**)

D. <u>Aboogerwako:</u> Amannya gaabwe ye Erimereki, Nawomi, Maloni, ne Kiriyoni (**olunyi. 2a**)

C'. <u>Enkola:</u> Abefulaasi okuva e Besirekemu Yuda bagenda e Mowaabu okubeera eyo (**olunyi. 2b**)

E. <u>Akatybaga:</u> Erimereki afiirayo era Nawomi asigala ne batabani be babiri (**olunyi. 3**)

F. <u>Obuweerero:</u> Abatabani bawasa AbaMowaabu (Olupa ne Luusiera bamalayo emyaka nga 10 (**olunyi. 4**)

E'. <u>Akatyabaga akabi:</u> Abatabani bafa era Nawomi asigalirawo ngatalina baana na mwami (**olunyi. 5**)

II. <u>Luusi asalawo okusigala ne Nawomi</u> (**1:6-19a**)

A. <u>Ennyanjula:</u> Nawomi, Olupa, ne Luusi beetegeka okudda e Besirekemu (**ennyi. 6-7**)

B. Nawomi akubiriza Luusi ne Olupa "okusigala ewaabwe" (**ennyi. 8-9a**)

C. Bakaamwana bombi bagaana okusigala ewaabwe: Nawomi <u>abanywegera</u>, nabo bakaaba, era <u>bagaana</u> okumuleka (**ennyi. 9b-10**)

D. Nawomi abeegayirira okusigala ewaabwe: tewakylaiwo ssuubi lya bufumbo, era Nawomi mukaawu olwa Mukama okumukyukira (**ennyi. 11-13**)

C'. Olupa akkiriza okusigala, naye Luusi agaana okuleka Nawomi: bombi <u>bakaaba</u>, Olupa <u>anywegera</u>Nawomi, Luusi <u>agaana</u> okusigala (**olunyi. 14**)

B'. Nawomi addamu okusaba Luusi "okusigala ewaabwe," naye Luusi agaana okwawukana ku Naaomi era asalawo abantu ba Nawomi ne Katonda we okuba ababe (**olunyi. 15-18**)

[1] Bino n'ebintu ebirala byogerwako mu Dorsey 1999: 121-28.

[2] Gow 1992: 29, 31, 46, 64, 81, 82 alina ensengeka z'ezimu **1:1-7b, 1:7c-19a, 1:22b-2:23, 3:1-18, 4:1-11b**, ne **4:11c-17**.

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

A'. Okufundikira: Nawomi ne Luusi batambula era ne batuuka e Besirekemu (**olunyi. 19a**)

III. Nawomi ne Luusi batuuka e Besirekemu (**1:19b-22**)

A. Nawomi ne Luusi *"batuuka e Besirekemu"* era ekibuga kyonna kisamaalirira (**olunyi. 19b**)

B. *"Temumpita Nawomi; mumpite nakakaawa"* (**olunyi. 20a**)

B (1). *"Kubanga Omuyinza wa byonna ampisizza bubi nnyo"* (**olunyi. 20b**)

B (2). *"Nagenda nzijudde, naye Mukama ankomezzaawo ndi mwereere"* (**olunyi. 21a**)

B'. *"Lwaki mumpita Nawomi?"* (**olunyi. 21b**)

B (2)'. *"Mukama yankola ebikaawa ennyo"* (**olunyi. 21c**)

B (1)'. *"Omuyinza wa byonna yandeetera okubonaabona"* (**olunyi. 21d**)

A'. Nawomi ne Luusi *"baatuuka e Besirekemu"* ku ntandikwa y'amakungula ga sayiri (**olunyi. 22**)

IV. Luusi ne Bowaazi basisinkana (**2:1-23**)

A. Ennyanjula: Luusi abulira Nawomi ku nteekateeka ze ez'okulonderera ebirimba (**ennyi. 1-2**)

A (1). Nawomi yalina *"mulamu we omusajja, ava mu kika kya Erimereki omugagga"* (**olunyi. 1a**)

A (2). Erinnya lye *"ye Bowaazi"* (**olunyi. 1b**)

A (3). Luusi yegomba okulonderera ebisigadde mu nnimiro ye *"ob'olyawo anankwatirwa ekisa"* (**olunyi. 2**)

B. Luusi agenda okulonderera, ebiri ku nimiro ya Bowaazi (**olunyi. 3**)

B (1). Atandika ku makya (laba **olunyi. 7**)

B (2). Kirabika nga talina bukakafu na bukuumi

C. Bowaazi atuuka n'awulira ebifa ku Luusi: Luusi Mumowaabu eyajja ne Nawomi; yasabye okulonderera ebisigadde mu nnimiro era akoze okuva ku makya, era awumuddemu katono (**ennyi. 4-7**)

D. Luusi ne Bowaazi basisinkana: Bowaazi amulagira okusigala mu nnimiro; ennyonta bw'emuluma, wa ddembe okunywa ku mazzi; Bowaazi ategedde byonna Luusi bye yakolera Nawomi na butya bwe yalekamu abantu be; *"Mukama akusasule mu bujjuvu!"* (**ennyi. 8-13**)

C'. Bowaazi ayita Luusi nabakunguzi okulya ekijjulo: Amuwa ebisukka kwebyo bye yeetaaga, bwatyo nafuna nebifikkawo (**ennyi. 14**)

B'. Luusi addamu okulonda mu nnimiro ya Bowaazi (**ennyi. 15-17**)

B (2)'. Ku luno alina obuwagizi bwa Bowaazi n'obukuumi bwe (**ennyi. 9, 15-16**)

B (1)'. Alonderera okutuuka olw'eggulo (**olunyi. 17**)

A'. Okufundikira: Luusi addayo ewa Nawomi era amubuulira byonna ebituseewo (**ennyi. 18-22**)

A (3)'. Luusi alaga Nawomi byakuŋŋaanyizza; Nawomi amugamba, *"Aweereddwa omukisa oyo akukwatirwa ekisa"* (**ennyi. 18-19a**)

A (2)'. *"Erinnya ly'omusajja gwenkoze naye ye Bowaazi"* (**olunyi. 19b**)

A (1)'. *"Omusajja y'omu ku b'oluganda lwaffe, omu kubanunuzi baffe"* (**olunyi. 20**)

V. Luusi ayogereza Bowaazi (**3:1-18**)

A. Ebiragiro bya Nawomi eri Luusi nga bali ewaka (**ennyi. 1-5**)

B. Luusi alekawo Nawomi era agenda mu gguuliro: agoberera ebiragiro bya Nawomi ng'ali eyo (**ennyi. 6-7**)

C. Bowaazi azuukuka nga Luusi agalamidde ku bigere bye: amwogereza (**ennyi. 8-9**)

D. Bowaazi akkiriza by'amugambye (**ennyi. 10-13**)

C'. Bowaazi azuukuka ku makya nga Luusi akyebase ku bigere bye: ekirabo kye (**ennyi. 14-15c**)

B'. Luusi ava mu gguuliro addayo eka okubuulira Nawomi bwe bibadde: amubuulira bwe bigenze (**ennyi. 15d-17**)

A'. Ebiragiro bya Nawomi mu maka gaabwe (**olunyi. 18**)

VI. Bowaazi anunula ebintu bya Nawomi era ne yefunira Luusi (**4:1-12**)

A. Abakadde bakuŋŋaanira ku mulyango gw'ekibuga: okuwulira ebya Bowaazi ne Luusi (**ennyi. 1-2**)

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

B. Bowaazi ayanjula ensonga: awa ow'oluganda omukisa okununula ettaka lya Nawomi (**ennyi. 3-4b**)

C. Okwanukula kw'owoluganda okusooka: *"Nja kukinunula"* (**olunyi. 4c**)

D. Okulangirira kwa Bowaazi: okununula ekibanja omuli n'okuwasa Luusi omu Mowaabu (**olunyi. 5**)

C'. Okwanukula kw'owoluganda okwokubiri: *"Sisobola kukinunula"* (**ennyi. 6-8**)

B'. Bowaazi amaliriza ensonga ye: anunula ettaka lya Nawomi era n'asaba Luusi okumufumbirwa (**ennyi. 9-10**)

A'. Abakadde ku mulyango gw'ekibuga: basabira Endagaano ya Luusi ne Bowaazi omukisa (**ennyi. 11-12**)

VII. Ebifundikira: Bowaazi ne Luusi bafumbiriganwa, bazaala omutabani, era amaka ga Nawomi gazzibwaawo (**4:13-17**)

A. Bowaazi awasa Luusi era bazaala omutabani (**olunyi. 13**)

B. Abakazi basabira omwana omukisa: *"Erinnya lye limanyibwe mu Yisirayiri"* (**olunyi. 14**)

C. Abakazi bagamba Nawomi nti omwana *"agenda kuba mununuzi wa bulamu bwo era anakulabiriranga mu bukadde bwo"* (**olunyi. 15a**)

D. Batendereza Luusi *"mukaamwana wo akwagala, era akusingira abatabani omusanvu"* (**olunyi. 15b**)

C'. Nawomi atwala omwana era n'afuuka omulezi we (**olunyi. 16**)

B'. Abakazi batuuma omwana erinnya: *"Baamutuuma Obedi"* (**olunyi. 17a**)

A'. Omwana oyo ye yafuuka kitaawe wa Yesse, azaala Dawudi (**olunyi. 17b**)

VIII. Ebimaliriza: olulyo lwa Dawudi: emirembe kkumi, okuva ku Pereezi okutuuka ku Dawudi (**4:18-22**)

II. Ebyogerebwa ku Luusi[3]

A. *Ennyanjula: ebiseera, ebyaliwo, enkola, aboogerwako, n'akatyabaga: Nawomi afiirwa ab'omu maka ge* (1:1-5)

[1] Awo olwatuuka mu nnaku ezo Abalamuzi ze baafugiramu, enjala n'egwa mu nsi. Awo omusajja ow'e Besirekemu mu Yuda ne mukazi we, ne batabani be bombi, ne basengukira mu nsi ya Mowaabu. [2] Erinnya ly'omusajja yali Erimereki, erya mukazi we Nawomi, n'amannya ga batabani be bombi, Maloni ne Kiriyoni. Baali Bayefulaasi ab'e Besirekemu mu Yuda, bwe baatuuka mu nsi ya Mowaabu, ne babeera omwo. [3] Naye Erimereki bba wa Nawomi n'afa; nnamwandu Nawomi n'asigalawo ne batabani be bombi. [4] Batabani be baawasa ku bakazi AbaMowaabu, omu Olupa, n'omulala Luusi, ne babeera eyo okumala emyaka nga kkumi. [5] Oluvannyuma Maloni ne Kiriyoni ne bafa, Nawomi n'asigala nga talina baana wadde bba.

ennyi. 1-2: ebiseera, ebyabaawo, enkola, n'aboogerwako

Omuzingo (LXX), enzivuunula y'Endagaano Enkadde mu Luyonaani eyamalirizibwa emyaka nga 100 nga Yesu tanajja mu nsi, yassa ekitabo kya *Luusi* okuddirira ekitabo *ky'abalamuzi*, si lwa kuba ng'ebyafaayo bya Luusi byaliwo *"mu nnaku abalamuzi we baafugiranga,"* naye lwakuba nga Luusi akwatagana ne byasembayo okubaawo mu **Balamuzi 19-21** buli kimu we kyasobera. Ekiseera kyAbalamuzi kyalimu obutabanguko obuwerako; **Bal 21:25** wamaliriza mu kitabo nga wagamaba nti, *"Mu nnaku ezo tewaaliwo kabaka mu Yisirayiri. Buli muntu yakolanga kye yalabanga"* (laba era **Bal 17:6**). Ku ludda olulala, K. Lawson Younger akinokolayo nti, "Mu bigambo ebisooka [mu *Luusi]* watulaga ebyafaayo ebijuliza Dawudi mu 4:17b bwe kityo obutabaawo bw'abukulembeze mu kiseera ky'abalamazi bw'asalirwa amagezi okuyita mu kabaka ow'ensonga, Dawudi" (Younger 2002: 413).

Emboozi egamba *"enjala yagwa mu nsi"* tugirabira n'ewalala, nga mu **Lub 12:10** ne **Lub 26:1**. Ebyo byaliwo nga Yibulayimu agenze e Misri ne Isaaka ng'agenze e Gerali mu Bufirisuuti. Mu buli emu ku mbeera ezo, Yibulaimu ne Isaaka baalimba ebikwata ku bakazi baabwe, ngabagamaba nti baali bannyinaabwe (laba **Lub 12:11-13; 26:7**). Wabula, wadde nga baalimba, yali nteekateeka ya Katonda mu bwakatonda bwe okuwa abantu be omukisa, era na wano Katonda yakola bw'atyo wadde ng'amaka ga Nawomi gaali gafunye akatyabaga.

[3] Okuggyako awo wekirambikiddwa, enzivuunula ya English Standard y'ekozeseddwa mu kunnyonnyola.

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.
Enkwatagana y'ebitabo ebikkirizibwa ne **Ma 28:1-12, 15-24, 48** (enjala yali emu ku kikolimo ky'okujeemera Katonda) era olw'okuba ng'ekiseeera ky'Abalamuzi kyali kijjudde obujeemu (laba **Bal 2:16-21**) watulaga n'enjala mu **Luusi 1:1** kyali kibonerezo kya bujeemu.

Amannya gabamu ku boogerwako gaalina amakulu. Erimereki kitegeeza "Katonda ye kabaka wange"; Nawomi kitegeeza "ekirungi," "ekisanyusa," "obulungi" (laba Harrison 1989: 182). Maloni ne Kiriyoni obuvo bwagwo tebutegeerekeka era tegamanyiddwa mu mannya ag'edda ag'ebuvanjuba; gayinza okuba ngagaluganda agategeeza "omulwadde, obulwadde" era "awedde oba amaliddwaawo, azikiridde, okufa," mu ngeri eyo "nga gatusongera ku katybaga akaali koolekedde Nawomi i" (Younger 2002: 415). Bwe kityo, amakulu ga Olupa, Luusi ne Bowaazi tegamanyiddwa.[4]

Okutambula okuva e Besirekemu okugenda e Mowaabu olw'enjala kiraga obuzibu. Besirekemu kitegeeza "ennyumba y'emigaati." Be tweyongerayo, Besirekemu watonnyayo enkuba okusinga e Mowaabu (ekiriraanye obuvanjuba bw'ennyanja enfu). Erimereki okutwala ab'omu maka ge e Mowaabu ng'abaggya e Besirekemu (omulabe wa Yisirayiri ow'olulango), gye baali bagenda okubeera bannaggwanga mu nsi etali yaabwe, tekyali kikolwa kya bwesigwa bw'okigerageranya n'erinnya lye "Katonda ye kabaka wange." Obukalubo bw'embeera bulabikira mu bigambo omuwandiisi by'akozesa. Younger ayogera nti, "Anyumya atulaga nti Besirekemu yonna yakwatibwa enjala, wabula omusajja ono yekka n'aba famile ye be bokka abadduka okugenda mu "nsi endala" (*sadeh*) eye Mowaabu. Ekigambo sadeh kitegeeza 'ettaka eddungi, eririmwako.' Oluvannyuma [mu **Luusi 4:3**] omusomi akizuula nti omusajja ono yagenderera 'okweyawula' *sadeh* okuva mu Besirekemu asobole okugenda ku *ttaka eddungi mu* Mowaabu." (Younger 2002: 415)

ennyi. 3-5: akatyabaga: Nawomi afiirwa ab'omu maka ge

Abantu bangi baagala okugerageranya ebyaliwo mu 1:1 wakati w'ekibi n'embeera embi mu bulamu bw'omuntu (kwe kugamba., embeera embi omuntu gy'ayitamu kiba kibonerezo kya kibi). Endowooza eyo si ntuufu, era mu butuufu si ya Bayibuli. Newakubadde ng'ebizibu biyinza okuba nga biva mu kibi, ekitabo kya *Yobu*, **Yok 9**, ne byawandiikibwa ebirala biraga nti ebizibu ebituuka ku muntu si tteeka nti biva ku kibi ky'omuntu ky'akoze era tebitegeeza nti "abeera asasulira" ekibi kye. Ensonda z'Ekiyudaaya ez'enjawulo ziteeka okufa kwa Erimereki, Maloni ne Kiriyoni ku kuva mu besrekemu Yuda ne ky'abalenzi abo okuwasa abakazi Abamowaabu. Wabula, Bayibuli ebyo tebiyita bibi era terina bw'ebikwasaganya na kufa okwaliwo.[5] Newakubadde ng'okuwasa abakanani kwali kwagaanibwa (**Ma 7:1-3**), obufumbo n'Abamowaabu bwali tebwagaanibwa.[6] Wabula, Abamowaabu baali tebakkirizibwa kukuŋŋaana mu maaso ga Mukama, era n'abaana baabwe be bazadde mu mbeera eyo wakati w'omuYudaaya n'Omumowaabu, okutuuka ku mulembe ogw'ekkumi (**Ma 23:3; Nek 13:1-3**).

Okufa kwa Erimereki, Maloni, ne Kiriyoni byaleka Nawomi mu mbeera eyokuyaggayagga *wadde nga si y'eyabyereetera*. Abakyala ab'edda abasinga baali tebalina buyigirize oba obutendeke mu mulimu gwonna okusobola okwbezaawo. Emikisa gya Nawomi okuddamu okufumbirwa oba okuzaala abaana gyali mitono nnyo (laba **Luusi 1:11-12**). N'ekirala, yali munnaggwanga. R. K. Harrison akinokolayo nti, mu kiseeraekyo n'ekifo ekyo, "ewatali musajja agabirira, namwandu yanyigirizibwanga nnyo mu ngeri ez'enjawulo, era bwatafunanga maka gamusembeza ne gamuwa eky'okukola, yabanga wa kusabiriza, oba okukuba obwamalaaya, era n'okufa enjala emirundi mingi" (Harrison 1989: 182). Kale nno, embeera ya Nawomi yali yeraliikiriza. Singa abantu tebalina ndowooza nti waliwo mu 1:1 enkwatagana y'ekibi n'okubonaabona, olwo okubonaabona bakuteeka ku maanyi amekusifu, ng'obutonde n'olukisakisa. Ekyo nakyo si kya Bayibuli. Bayibuli bye tuyitamu ebiteeka ku nteekateeka ya Katonda. Mu mbeera ya Nawomi, obutafaanagana na mbeera ya *Yobu*, Katonda teyeeraga, era Bayibuli tetubuulira nsonga yavaako kufa kwa Erimereki, Maloni, ne Kiriyoni. Wabula mu byonna, Katonda asigala ng'ayinza byonna era nga y'afuga. Ebyatuuka ku Nawomi n'ab'omu maka ge byali tebiva ku Nawomi—ng'ebizibu bye tuyitamu bwe bitali nti byonna ffe tubyeretako. Wabula, ebyatuuka ku Nawomi n'abantu be era n'ebituutukako bibeera kitundutundu ku nteekateeka za Katonda ezikolebwa okumuleetera ekitiibwa.

Ennaku ya Nawomi kyakulabirako eri ekkanisa olwaleero. Ekkanisa eyasooka yategeera obukulu bw'okulabirira bannamwandu (ne baamulekwa), kwe kugamba., be bantu abaali basing okubeera mu bwetaavu mu kitudu. **Yak 1:27** agamba, *Eddiini entuufu etaliiko bbala mu maaso ga Katonda Kitaffe, y'eyo ey'omuntu alabirira bamulekwa ne bannamwandu era nga yeekuuma ensi gy'alimu ereme kumuletako bbala.* Ekigambo ekiyitibwa "eddiini" mu lunyiriri luno kiyitibwa *thrēskeia* ekitegeeza "emikolo oba okusinza" (Zodhiates 1993: *"thrēskeia,"* 742). Mu bigambo ebirala, kyogera ku mikolo egy'eddiini egirina omugaso mu maaso ga Katonda. Abantu bakola obulombolombo bw'eddiini obw'enjawulo bungi oba emikolo: abamu beewetako (bafukamiza

[4] Bowaazi asangibwa mu *Luusi* ng'erinnya ly'omuntu. wabula, emu ku mpagi nga yeekaalu tennazimbibwa Sulemani yayitibwanga Bowaazi (**1 Bas 7:21**).

[5] **Luusi 4:10** wagamba nti Luusi yali mukazi wa Maloni; ate, nga Olupa ye mukazi wa Kiliyoni.

[6] Abamowaabu baali bava mu baana Lutti be yazaala mu muwala we omukulu (**Lub 19:33**).

evviivi oba bafukamira wansi okulaga ekitiibwa); abamu bakola akabonero k'omusaalaba; abamu bawanika emikono waggulu nga basaba; abalala bakutamya emitwe gyabwe, bazibiriza amaaso gaabwe, era ne bafunya emikono gyabwe. Yakobo agamba nti emikolo gy'eddiini Katonda gy'assaamu ekitiibwa si kufukamira, okukutamya omutwe, n'ebirala., naye kwe *"kulambula baamulekwa ne bannamawandu mu bunaku bwabwe, n'okwewala mabala g'ensi eno"* (**oluny. 27**). Mu 1 **Tim 5:3-16** Pawulo ayongera okunnyonnyola ennono eno bw'ekola mu **Yak 1:27**, era n'abaako n'ebiteeso butya ekkanisa bwe yandirabiridde abeetaaga kwe kugamba., "okubassaamu ekitiibwa") bannamwandu abli mu bwetaavu.[7] Omulimu gw'okufaayo eri abalala ogw'ekkanisa eyasooka kwali kulabirira bannamwandu abaali obui (**Bik 6:1-6**). Okufaayo n'okulabirira abalala tekukoma ku "baamulekwa ne bannamwandu bokka." Mu butuufu, "'baamulekwa ne bannamwandu' baafuuka eky'okulabirako mu Ndagaano Enkadde ekika ky'abantu abatalina mwasirizi" (Moo 1989: 1155). Okuyita mu Bayibuli yonna okulabirira abaavu nabali mu bwetaavu kyasibwanga essira. Ekkanisa erina okulabirira abakkiriza abaavu nabatalina mwasirizi (**Bar 12:13; 15:25-27; 1 Bak 16:1-4; 2 Bak 8-9; Yak 2:14-18; 1 Yok 3:17-18**). Ekkanisa okutwalira awamu erina okulabirira abaavu n'abali mu bwetaavu. (**Kuv 23:10-11; Bal 19: 9-10; Ma 15:11; 24: 19-21; Zab 41:1; 112:5-6; Eng 14:21; 19:17; 22: 9, 22; 31:20; Isa 58:6-7; Ezek 16:49; Mat 25:31-46; Mak 10:21; Yobu 3:10-11; Bar 12:20; Bag 2:10; Bef 4:28; Yak 1:27**). Okulabirira abaavu n'abatalina mwasiirizi y'engeri gye tulagamu okwewaayo kwaffe eri Katonda. Y'engeri erabika ku ngulu, kabonero akalaga eky'omunda, ekisa eky'omwoyo ekiri ku bulamu bw'omuntu. Ekyo Yesu kyayita ekiragiro "ekyokubiri", *"yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka"* (**Mat 22:39**; laba ne **Yobu 10:27**). Twetaaga okwebuuza nti: kiki ekirabikako kye tukola eri abo abatalina mwasirizi nabo abali mu bwetaavu abali mu kitundu kyaffe?

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Lwaki olowooza nti abantu bangi bakwataganya ebiri mu 1:1 n'ekibi n'ebizibu ebituuka ku muntu (kwe kugamba., omuntu afuna ebizibu abeera asasulira bibi bye)?

- Ekitabo kya Luusi kiwakanya kitya endowooza eyo? Waliwo ebyawandiikibwa ebirala mu Bayibuli ebiwakanya endowooza eyo?

2. Eky'amazima eky'okuba nti Katonda y'afuga byonna—ne mu mbeera embi mu bulamu bwaffe—era nga buli kintu ekibaawo yali nteekateeka ye, bikozesebwa okutuyamba okuyita mu biseera ebizibu?

3. Tukozeewo ki ffe ng'abekkanisa okuyambako kw'abo abali mu kitundu kyaffe nga tebalina mwasirizi era nga bali mu bwetaavu?

B. ***Luusi asalawo okusigala ne Nawomi*** (**1:6-19a**)

[6] Bwe yawulira ng'ali mu nsi ya Mowaabu nti Mukama Katonda yajjira abantu be n'abawa emmere, n'agolokoka ne baka baana be okuddayo mu Isirayiri. [7] Ye ne baka baana be, ne bava mu kifo mwe baali, ne bakwata ekkubo okuddayo mu nsi ya Yuda. [8] Awo Nawomi n'agamba baka baana be nti, "Mugende muddeeyo buli muntu mu nnyumba ya nnyina, era Mukama Katonda abakolere ebyekisa, nga nammwe bwe mwakolera abaafa era ne bye mwakolera nze. [9] Mukama Katonda abawe omukisa era buli omu ku mmwe, amuwe omusajja omulala." N'alyoka abanywegera, nabo ne bayimusa amaloboozi gaabwe, ne bakaaba amaziga, [10] nga bagamba nti, "Nedda, tuligenda naawe ng'oddayo eri abantu bo." [11] Naye Nawomi n'abagamba nti, "Muddeeyo ewammwe bawala bange. Kiki ekibaagaza okugenda nange? Sikyasobola kuzaala baana balala bafuuke babba mmwe. [12] Mweddireyo ewammwe, bawala bange, kubanga nze nkaddiye nnyo sikyafumbirwa. Ne bwe nnandifumbiddwa ne nzaala abaana aboobulenzi; [13] mwandibalindiridde okutuusa lwe bandikuze nga temunnafumbirwa? Nedda, bawala bange. Nnumwa nnyo okusinga mmwe, kubanga omukono gwa Mukama Katonda tegubadde nange." [14] Bwe baawulira ekyo, ne baddamu okukaaba. Awo Olupa n'anywegera nnyazaala we, n'amusiibula. Naye Luusi namunywererako ddala.

[15] Awo Nawomi bwe yalaba ekyo, namugamba nti, "Laba, munno azzeeyo eri abantu be ne balubaale be, naawe kwata ekkubo omugoberere." [16] Naye Luusi n'amwegayirira ng'agamba nti, "Tompaliriza kukuvaako, wadde obutakugoberera, kubanga gy'onoogendanga, nange gye nnaagendanga, gy'onooberanga, nange gye nnaaberanga, era abantu bo be banaabanga abantu bange, era ne Katonda wo y'anaaberanga Katonda wange. [17] Gy'olifiira nange gye ndifiira era eyo gye balinziika. Mukama Katonda

[7] Kino kyogerwako mu Menn 2016: 91-94

ankangavvule nnyo bwe ndyawukana naawe wabula mpozi okufa." [18] Awo Nawomi bwe yalaba nga Luusi amaliridde okugenda naye, n'atayongerako kigambo kirala. [19] Oluvannyuma bombi ne batambula okutuuka e Besirekemu. Bwe batuuka e Besirekemu.

ennyi. 6-19a: Nawomi, Olupa, ne Luusi beetegekera okugenda e Besirekemu; Olupa ne Luusi bagaana okwabulira Nawomi; Olupa amala n'addayo e Mowaabu, naye luuusi amalirira okusigala ne Nawomi

Newakubadde ng'abalombojja emboozi abasinga (omuli noono) balaba **ennyi. 1-5** nga zezikola ennyanjula n'ekitundu ky'ekitabo ekisooka, abamu balaba **ennyi. 1-6** nga z'ezikola ennyanjula n'ekitundu ky'ekitabo ekisooka. N'olwekyo, Younger ayogera nti "olunyiriri 6 terukwataganira ddala ne 1, nga luleeta ebyawukana ku mulamwa" ne "ne lubizinga wamu ne lumaliriza n'ennyanjula y'ennyiriri 1-2 nga lwenkanyankanya 'ne bagenda e Mowaabu' . . . 'n'addayo e Mowaabu,' ne 'njala . . . 'emmere'" (Younger 2002: 418-19). Mu mbeera yonna, **luny. 6** lukola ng'oluteekateeka era ennyanjula y'ekigenda okuddirira.

Nawomi mukaawu nnyo era munyikaavu olw'ekyo ekyatuukawo ku famile ye takoma ku kyabutalaba Katonda mu bulamu bwe, naye mukaawu era munyiivu eri Katonda yennyini. **Olunyiriri 6** lutugamba nti *"Mukama yali yakyalira abantu be era n'abawa n'emmere."* Kino kitulaga nti Katondayasigala ayinza byonna ne mu njala era kaakati, mu kisa kye ne mukusaasira, yali asaasira abantu be.[8] Newakubadde nga muYisirayiri, Nawomi takiraba nti okusaasira kwa Katonda kukola mu bulamu bwe. Wabula agamba nti, *"omukono gwa Mukama gunwanyisa"* (**olunyi. 13**). Asigaza obusungu bwe eri Katonda ng'amaze n'okutuuka e Besirekemu, eyo gy'ayogerera nti, *"Temumpita Nawomi; mumpite Mara, kubanga omuyinza wa byonna yankola ebikaawa. Nagenda nzijudde naye Mukama ankomezzaawo nga ndi mukalu. Nagenda nnina ebintu bingi, naye Mukama Katonda ankomezzaawo nga sirina kantu, kale lwaki mumpita Nawomi? Katonda Ayinzabyonna yandeetera okubonaabona."* (**ennyi. 20-21**)

Newakubadde nga yali anyiigidde Katonda, Nawomi yasigala asaasira bakabaana be. Yakiraba nti yali talina busobozi okubafunira abasajja abalala, nti era singa bamugoberera e Besirekemu emikisa gyabwe egy'okufumbirwa gyandibadde gikendedde nnyo, kubanga balibadde banyoomebwa nga bannagwanga abali mu Isirayiri. N'olwekyo, yabakubiriza nnyo okusigala ewaabwe (**ennyi. 8-13**). Ekirala, teyayagala kubateeka mu mitawaana gye: kubanga yali akkiriza nti *"kubanga omukono gwa Mukama Katonda tegubadde nange," ng'alowooza* nti singa Luusi ne Olupa basigala naye, nabo omukono gwa Mukama gujja kubalwanyisa. Mu kino era Nawomi era yali yewonya eby'okulabirira bakamwana be, kubanga singa Luusi ne Olupa bakkiriza amagezi ge yabawa, Nawomi yandizzeeyo yekka e Besirekemu.

Wadde nga Nawomi yali munyiivu eri Katonda, bakaamwana be yabasabira omukisa mu linnya lya Mukama: *"Mukama Katonda abawe omukisa era buli omu ku mmwe, amuwe omusajja omulala!"* (**olunyi. 9**) yakowoola Mukama okubawa omukisa, nga nabo bwe baali eb'ekisa eri abaami baabwe n'eri ye: *"Era Mukama Katonda abakolere ebyekisa, nga nammwe bwe mwakolera abaafa era ne bye mwakolera nze"* (**olunyi. 8**). Ekigambo ekyavvunulwa bakole *"bulungi"* ky'ekigambo ky'Olwebulaniya *hesed. Hesed* ky'ekikolwa ekiva mu nkolagana eyesigamye ku kwagala okuteebalirira, ekikolwa ekyakyeyagalire okusaasira omuntu oba okumulumirirwa ("okussuka ku luwalo"), okusingira ddala nga kikolebwa akuli waggulu mu buyinza, oyo asalawo okukola nga bw'ayagala, n'akyusa ebintu; bibiri bya kusatu ku nkozesa y'ekigambo *hesed* mu Ndagaano Enkadde bikolwa bya Katonda *ng'asaasira* abantu (laba Younger 2002: 393-96). Mu byafaayo bino, *okusaasira* kwa Katonda kulabikira mu **1:8** ne **2:20**, wadde **2:20** mu mpaddika tekitegeerekeka bulungi era nga kiyinza okutegeeza ku bombi, Katonda oba Bowaazi nga *y'asaasira*. *Obusaasizi* bwa Bowaazi ku ngeri gye yayisaamu Luusi bulabikira mu Bayibuli yonna. Abantu bokka ababiri abayolesa *obusaasizi* ye Olupa, omulundi gumu (**1:8**) ne Luusi, emirundi ebiri (**1:8; 3:10**). Luusi yayolesa *obusaasizi* bwe nga yeewaayo eri Nawomi (**1:16-18**). Mu ngeri eyeewuunyisa, n'olwekyo, Abamowaabu be bokka, ng'oggyeeko Katonda, aboogerwako ng'abayolesa obusaasizi.

Obusaasizi yeyali enkola y'Ekiyudaaya, okusinga yesigamye ku ndagaano, ku kika, n'enkolagana za booluganda bokka na bokka ne Katonda. Robert Hubbard ayogera nti ekyewuunyisa ku nkola ya *Luusi ey'okusaasira* kwe kulabika nga "ekwatagana n'ebyawandiikibwa, nga teyesigamye ku ndagaano, naye n'ekwatagana ne nkola y'ensi. Kwe kugamba nti, emirandira gy'ekyo giri mu buvunanyizibwa bwa Yakuwa nga kabaka w'ensi zonna okusinga ku Katonda w'endagaano ne Yisirayiri." (Hubbard 1991: 16) kale nno, Nawomi asaba mu **1:8** nti Katonda asasuleOlupa ne Luusi olwo *kusaasira*, newakubadde nga Luusi ne Olupa tebaali bannansi ba Yisrayiri. "Essaala ye egamba nti Yakuwa asasule abantu *bonna*, si baYisirayiri bokkaolw'ebikolwa

[8] Erinnya lya Katonda lyogerwako emyezi abiri mu esatu mu kitabo abantu abenjawulo mu kitabo kino: "Yakuwa" emiruundi kkumi namsanvu; "Eloyimu" mirundi ena (lumu nga litegeeza Kemoosi, katonda wa Bamowaabu); ne "Saddai" ebiri (soma Hals 1969: 3). Wabula, emirundi ebiri ebikolwa bya Katonda byogerwako oba Katonda ayogerwako oyo anyumya (**1:6** ne **4:13**). Wabula, nga bwe tunaalaba, Katonda waali era akolera "emabega w'entimbe" okuyita mu kitabo kyonna.

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.
eby'okusaasira. . . . Ekirala, kirabika (nga bwe kiri mu Ndagaano Enkadde yonna) nti Yakuwa ye kennyini ye Katonda *ow'okusaasira*." (Hubbard 1991: 16) N'olwekyo, *ebikolwa eby'oksaasira* by'ebiraga Abakristaayo n'ekkanisa. Ekkanisa gabeera maka (laba **Mat 12:49-50; Bar 8:14, 16; 9:8, 26; 2 Bak 6:18; 11:2; Bag 3:26; 4:6-7; Bef 2:19; 5:22-32; 1 Tim 3:15; 5:1-2; Beb 2:11; 12:7; 1 Yok 3:1-2; Kub 21:2, 9**) era nga gayingizibwa mu famile ya Katonda (**Bar 8:15, 23; Bag 4:5; Bef 1:5**). Nawomi yasaba Katonda *asaasire* Olupa ne Luusi kubanga nabo baali boolesezza *okusaasira* eri abaami baabwe. Ekyo kirina okubeera ennyo ku Bakristaayo: olw'ekyo Kristo kyatukoledde, *"tumwagala kubanga ye yasooka okutwagala"* (**1 Yok 4:19**).

Mu **luny. 14**, Olupa yasiibula Nawomi, ng'agoberera amagezi ga nazaala we, era ne yeddirayo ewaabwe, mu bantu be, mu bakatonda be, *"naye ye Luusi nagaana okumuvaako."* Olupa tanenyezebwa ku lwa kino; yalina ensonga entuufu okuddayo eka nga Nawomi bwe yamugamba. Wabula, okugenda kwe kwalaga nti Luusi y'eyalina endowooza esingako obulungi. Mu butuufu, ekigambo ky'Olwebulaniya ekikozesebwa mu **Lub 2:24** (*"omusajja kyananga aleka kitaawe ne nnyina <u>ne yenywereza</u> [okwekwata] ku mukazi we, era banaafukanga omubiri gumu"*). Kino kiraga obuwulize bwa Luusi, okwagala n'enkwatagana ya Luusi ku Nawomi. Nawomi yali akubamu obufaananyi bw'obulamu singa mukaamwana asigala naye, mu bwannamwandu bwe ne mu butaba na mwana. Wabula, wadde Olupa yaddayo *"eri abantu be ne bakatonda be"* (**oluny. 15**), kyokka okusalawo kwa Luusi okusigala ne Nawomi kwakyusiza ddala obulamu bwe bwonna, mu birowoozo, gyabeera, ne mu by'omwoyo. Nga John Piper bw'ayogera, "Nawomi yali alaba nga talina lugendo, kyokka Luusi n'aguma okutambula naye nga ye alabawo olugendo" (Piper 2010: 34). Luusi ayogera bw'ati mu **ennyi. 16-18**: *"Gy'onoogendanga, nange gye nnaagendanga, gy'onooberanga, nange gye nnaaberanga, era abantu bo be banaabanga abantu bange, era ne Katonda wo y'anaaberanga Katonda wange. 17 Gy'olifiira nange gye ndifiira era eyo gye balinziika. Mukama Katonda ankangavvule nnyo bwe ndyawukana naawe wabula mpozi okufa."* Piper ayogera nti, Luusi teyalekawo bulesi bewaabwe n'ensi ye, naye era yali asazeewo n'obutafumbirwa muntu atalina luganda ku Nawomi, kubanga, obweyamo bwe yandibadde abusuddewo." (Piper 2010: 34). Ebigambo bye *"Gy'olifiira nange gye ndifiira era eyo gye balinziika"* byategeeza nti yali *tagenda* kuddayo, Nawomi ne bweyandimusoose okufa. Obweyamo bwe bwali bujjuvu. Mu **luny. 17** yatuuka n'okujuliza erinnya lya Mukama (Yakuwa) nga yeyitirako ekikolimo singa ayawukana ne Nawomi. Luusi akakasa okukyukira kwe Mukama, nga bwe kyali ku Lakabu mu **Balamuzi 2** ng'era emboozi ya Yakobo ku kukkiriza okutuufu nga bwe kwawukana n'okufu mu **Yakobo 2**.

Kino era kirimu okusoomooza ekkanisa. Piper ekyo akyetegereza, mu Luusi, "tulina ekifaananayi eky'omukazi nga Katonda bw'amwagala abeere—era tujja kulaba ebirungi bye ebirala oluvannyuma. Okukkiriza mu Katonda okubuusa amaaso ebizibu ebiriwo mu budde obwo. Ne kubuusa amaaso eddembe n'okwesiima kw'ensi. Obuvumu obwokugenda mu byotamanyi era byotamanyidde. Obweyamo mu nkolagana obussukulumye obukuweebwa Katonda. Ono ye mukyala ow'omungero 31:25 atunuulira ebiseera eby'omu maaso n'obuvumu mu Katonda n'asekerera emitawaana egijja." (Piper 2010: 35-36) Abakristaayo bangi, sinakindi abasinga obungi, tebasobola kusalawo nga Luusi —okubeera mu nsi engwira ewali abantu abatakwagala. Okusoomooza kwe kuno, tuyinza tutya ffe abatanasisinkana buzibu okusobola okusobola okusalawo nga ye, ffe abamanyidde okubeera mu bantu baffe n'embeera zaffe okwewaayo mu ngeri essukkulumye eri Kristo nga Luusi bwe yakikola?

<u>EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Lwaki, okufaananako Nawomi, bwe tusisinkana embeera enkakali, tufuuka abakaawu, ne tweraliikirira, era ne twebalama Katonda, mu kifo ky'okumusemberera?

- Kiki ekirina okutuyamba okusembera eri Katonda mu biseera bwe bityo?

2. Ennono *y'okusaasira* kye ki, era ekkanisa eyinza etya—omuntu kinnoomu oba ekibiina—okwolesa *obusaasizi* eri abalala buli kiseera era ne kibeera embala efugira mu ffe?

3. Tuyinza tutya ffe okusobola okwewaayo eri Kristo nga Luusi bwe yakikola era n'abalala, ffe abatasisinkanaga ku bizibu bya Luusi wabula nga tubeera mu bantu baffe abatumanyidde ennaku?

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

C. ***Nawomi ne Luusi batuuka e Besirekemu*** **(1:19b-22)**

[19b] Bwe batuuka e Besirekemu, ekibuga kyonna ne kisasamala ku lwabwe, era abakazi ne beebuuza nti, "Ddala ono ye Nawomi?" [20] Bwe yawulira ekyo, n'abaddamu nti, "Temumpita Nawomi, naye mumpite Mala, kubanga Mukama Ayinzabyonna yalumya obulamu bwange n'okukaawa bunkayiridde. [21] Nagenda nnina ebintu bingi, naye Mukama Katonda ankomezzaawo nga sirina kantu, kale lwaki mumpita Nawomi? Katonda Ayinzabyonna yandeetera okubonaabona." [22] Bw'atyo Nawomi n'akomawo e Besirekemu, okuva mu Mowaabu ne muka mwana we Luusi OmuMowaabu, mu kiseera eky'okukungula sayiri nga kyakatandika.

ennyi. 19b-22: Nawomi ne Luusi batuuka mu Besirekemu

Obukaawu bwa Nawomui n'ennaku ye birabikirawo nga yakatuuka e Besirekemu. Ebigambo bye mu **luny. 20** byogera ekimuli ku mutima; agamba nti, *"Temumpita ekisanyusa; mumpite nakakaawa."* Ebigambo bye mu **luny. 21**, *"Nagenda nzijudde, naye Mukama ankomezzaawo nga ndi mwereere,"* bitubikkulira butya embeera enzibu bwe zikyusa endaba yaffe ey'ebintu. Zituleetera okwetunuulira, amaaso gaffe ne tugassa ku bulumi n'okufiirwa: emirundi etaano mu **nny. 20-21** Nawomi yetunuulira yekka ng'akozesa ebigambo "Nze" ne "nze." Nga kyategeeza mu njogera ye *"Nagenda nzijjudde"* mu butuuf nakyo si kituufu; newakubadde yali agenze n'omwami n'abaana be, naye bali badduse njala, akaali akatyabaga eri amaka gonna. Enjogera ye egamba nti *"Mukama ankomezzaawo ngalo nsa"* nakyo si kituufu. Nawomi takyasobola n'akulaba nti ne Luusi ali naye, nga talaba na buwulize bwa Luusi obw'ekitalo eri ye, omukwano, n'enkwatagana ye eri ye, ebintu byonna Luusi bye yakola nga tafuddeeyo olw'o kubeera kwa Nawomi obulungi! Okwewaayo kwa Luusi okwewuunyisa eri Nawomi kukoonwako mu **lunyi. 22** we bamuyitira "Luusi Omumowaabu," erinnya lye bagenda okumuyita okumalako ekitabo kyonna. Ayongera okuyitibwa "Luusi Omumowaabu" newakubadde nga yali akyusizza enzikiriza era n'gfuuse mugoberezi wa Yakuwa.

Ekirala ekyewuunyisa mu bigambo bya Nawomi kwe kuba nti obukaawu butuziba amaaso eri enteekateeka ya Katonda ennene ne mu bintu ebitontono mwatuukiririza enteekateeka ye. Naye era kyewuunyisa nti Nawomi teyerabira Katonda era teyamwegaana. Yayogera ku *kusaasira* bwe yakubiriza Olupa ne Luusi okusigala ewaabwe (**1:8-9**). Kaakati, yali ebyamutuukako tabinenyeza mbeera ndala yonna wabula ng'ayogera nti Katonda ye kazaala bulwa. Kale nno, yalina nnyookumanya ku buyinza bwa Katonda. Wabula, yali talina kumanya *kugazi* ekimala ku buyinza bwe. Talaba Katonda ky'akoze mu bulamu bwa Luusi, okuyita mu Luusi, Katonda awadde Nawomi ow'omukwano ow'obulamu bwonna "*oyo akwagala, akusingira abaana omusanvu"* (**4:15**). Tasobola kulaba nti Katonda *"yali yakyalira abantu be era n'abawa emmere"* (**1:6**). Katonda teyakoma ku kya kukuuma abakazi ababiri abaataalina abawerekerako ku lugendo lwabwe okuva e Mowaabu okutuuka e Besirekemu, naye era ne batuuka *"ku ntandikwa y'amakungula ga sayiri"* (**1:22**). Amakungula ga sayiri gaaliwo mu gwokunaate amakungula g'eŋŋano ne gabaawo mu gw'okutaano (Harrison 1989: 183; Huey 1992: 525). Kino kitegeeza nti baatuukira mu kiseera nga balina emyezi ebiri egijjudde egy'okulonderera ebisigalidde mu nnimiro ne bafuna emmere. Ebyo bye bimu Katonda bye yali amaze okukola. Nawomi, mu butuufu, yali tamanyi Katonda kye yali agenda okukola era okuyita mu mbeera ye okununula ebintu bya Nawomi okuyita mu Bowaazi, obufumbo bwa Luusi ne Bowaazi, okuzaalibwa kwa Obedi eyali agenda okufuuka jjajja wa Dawudi eyavaamu Masiya yennyini! Ennaku n'obukaawu bitera okuggyawo obwesige bwaffe mu Katonda ne bitwerabiza nti*"eri abo abaagala Katonda, ebintu byonna bikola ku lw'obulungi"* (**Bar 8:28**).

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Lwaki ennaku, obukaawu n'ennyiike bitera okutuggya ku mulamwa ne bituziba amaaso ku bugazi bw'enteekateeka ya Katonda ne tutalaba makubo gaakoleramu ku lw'obulungi bwaffe ne bwe tuba nga tubonaabona?

2. Tuyinza tutya okuyamba bakkiriza bannaffe ababeera bayita mu kiseera ekizibu ennyo okubeera n'endaba y'ebintu entuufu?

3. Oyinza okulowooza ku butya Katonda bwakoze mu bulamu bwo oba mu bulamu bw'abantu b'omanyi, ggwe oba bo we mwali nga muyita mu biseera ebikakali?

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

D. ***Luusi ne Bowaazi basisinkana*** **(2:1-23)**

[1] Nawomi yalina mulamu we, ng'ava mu kika kya bba, Erimereki, nga mugagga, erinnya lye nga ye Bowaazi. [2] Awo Luusi OmuMowaabu n'agamba Nawomi nti, "Ka ŋŋende mu nnimiro okulonda ebirimba bya sayiri, ngoberere oyo anankwatirwa ekisa." Nawomi n'amuddamu nti, "Genda, muwala wange." [3] Amangwago, n'agenda, n'atandika okulonda mu nnimiro abakunguzi we bayise. Awo ne yesanga ng'atuuse mu nnimiro ya Bowaazi, ow'omu kika kya Erimereki. [4] Mu kiseera kye kimu Bowaazi n'atuuka okuva e Besirekemu, n'agamba abakunguzi be nti, "Mukama Katonda abeere nammwe." Nabo ne bamuddamu nti, "Naawe Mukama Katonda akuwe omukisa." [5] Awo Bowaazi n'abuuza nampala wa bakunguzi be nti, "Omuwala ono w'ani?" [6] N'amuddamu nti, "Ono ye muwala OmuMowaabu eyajja ne Nawomi okuva e Mowaabu. [7] Atwegayiridde alondelonde abakunguzi we bayise mu binywa, era asiibye akola okuva obw'enkya okutuusa essaawa eno, okuggyako akabanga akatono ke yawumuddemu."

[8] Awo Bowaazi n'agamba Luusi nti, "Wuliriza, muwala ggwe. Togendanga n'olondanga mu nnimiro endala yonna, tovanga mu eno, naye obeeranga wamu nabaweereza bange abawala. [9] Gendereranga ennimiro basajja bange mwe bamaze okukungula, era ogoberererenga abawala. Abasajja mbalagidde obutakutawanya. Era ennyonta bw'ekulumanga, onywenga ku mazzi abasajja ge basenye." [10] Awo Luusi bwe yawulira ebyo, n'avuunama ku ttaka, ng'agamba nti, "Ng'ondaze ekisa mu maaso go, n'onfaako nze, munnaggwanga." [11] Naye Bowaazi n'addamu nti, "By'okoledde nnyazaala wo kasookedde balo afa, ne bwe waleka kitaawo ne nnyoko era n'abantu bo n'ojja mu nsi ey'abantu botomanyi, babintegezezza byonna. [12] Mukama Katonda wa Isirayiri gwe weeyuna wansi w'ebiwaawaatiro bye, akusasule olw'ebyo by'okoze, era akuwe empeera ennene ddala." [13] Awo Luusi n'addamu nti, "Nneeyongere okulaba ekisa mu maaso go Mukama wange, kubanga oyogedde ebigambo ebyekisa eri omuweereza wo era emmeeme yange ogizizza mu nteeko wadde nga sigwanira kuba omu ku baweereza bo."

[14] Ekiseera ekyokulya bwe kyatuuka, Bowaazi n'agamba Luusi nti, "Jjangu okoze omugaati gwo mu wayini akatuuse." Awo Luusi bwe yatuula wansi, Bowaazi n'amuwa sayiri ensiike, n'alya, n'akkuta, n'emulemera nawo. [15] Oluvannyuma ng'okulya kuwedde, n'agolokoka agende alonde, era Bowaazi n'alagira abaddu be nti, "Ne bw'anaalonda mu binywa temumugaana. [16] Wakiri, mumuleke yerondere mu miganda so temumuwuuna."

[17] Awo Luusi n'alonda mu nnimiro okutuuka akawungeezi, oluvannyuma n'awuula ne sayiri gye yali akuŋŋaanyizza, n'aweza nga kilo kkumi na ssatu. [18] Yonna n'agyetikka, n'agitwala mu kibuga, ne nnyazaala we n'agiraba. Era yamuleetera ne ku mmere gye yali afissizzaawo. [19] Nnyazaala we yasanyuka nnyo, era n'amubuuza nti, "Wakoze mu nnimiro y'ani leero? Aweebwe omukisa oyo akukwatiddwa ekisa!" Awo Luusi n'abuulira nnyazaala we nannyini nnimiro mwe yakoze, n'erinnya ly'omwami nga ye Bowaazi. [20] Nawomi namugamba nti, "Mukama Katonda atalekanga kulaga kisa eri abalamu n'abafu, amuwe omukisa. Anti omusajja oyo muganda waffe ddala, era y'omu ku banunuzi baffe ddala." [21] Luusi OmuMowaabu n'ayongerako nti, "N'okuŋŋamba yaŋŋambye nti nkolere wamu n'abakozi be okutuusa lwe balimala eby'okukungula bye." [22] Awo Nawomi n'agamba Luusi muka mwana we nti, "Kijja kuba kirungi nnyo muwala wange, okubeeranga kumpi nabaweereza be abakazi, kubanga singa onoogenda mu nnimiro y'omulala akabi kayinza okukutuukako." [23] Awo Luusi n'abeeranga kumpi n'abaweereza ba Bowaazi ng'alonda okutuusa amakungula ga sayiri n'eŋŋaano bwe gaggwa, n'abeeranga wamu ne nnyazaala we.

ennyi 1-7: Ebyava mu nsisinkano ya Luusi ne Bowaazi

Twayogedde nti omuwandiisi w'ekitabo kya *Luusi* yali ssekanyumiza era nga muyiiya. Kino tukirabira mu ngeri gye yagattanga emboozi okuyita mu kitabo kyonna. Obunyuvu, n'empandiika ye birabika nnyo mu kino, ng'ate engatta y'emboozi ze ebunye essuula 2 zonna (laba ensengeka, waggulu), omuwandiisi ayolesa obukugu mu kuyunga emboozi ne mw'ezo z'amaze okuyunga. Kale nno, **ennyi. 1-3** zo zennyini zaali nyungiro:

A. ow'ekika kya Erimereki (**olunyi. 1a**)
B. erinnya lya Bowaazi lyali lyani (**olunyi. 1b**)
C. okugenda mu nnimiro okulonderera (**olunyi. 2a[1]**)
D. mu maaso g'oyo gye n'aganja (**olunyi. 2a[2]**)
C'. bw'atyo ne yetegera okugenda okulonderera (**olunyi. 3a**)
B'. ennimiro yaBowaazi (**olunyi. 3b[1]**)
A'. eyali ow'ekika kya Erimereki (**olunyi. 3b[2]**)[9]

Ennyi 1-7 zeziteeekawo omwagaanya gw'okusisinkana kwa Luusi ne Bowaazi. Ennyiriri zino zitwanjulira Bowaazi era ne zitubuulira ebikulu bingi ebimukwatako. Ekisooka, yali muganda wa Erimereki era

[9] Younger akinokolayo mu **nnyi. 4-17** kale kikwataganye ne A, B, B', A' ennyunga (Younger 2002: 442).

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.
nga bava mu kika kye kimu ekya Erimereki. Kino kikulu nnyo ku birala ebyali bigenda okwogerebwa. Ekyokubiri, **luny. 1** lumwogerako nga *"omusasajja omugagga"* ekigambo ky'Olwebulaniya kiba *gibbor hayil.* "ye muntu ow'omugaso era ow'erinnya mu kitundu. Ku mulamwa guno tebategeeza bugagga nakuba na linnya lyokka naye n'obusobozi, ekitiibwa. Kale nga byonna byogera ku mbala y'omuntu oyo." (Younger 2002: 439-40) Ekyokusatu, Bowaazi yali musajja atya Katonda. Kino kirabikira mu ngeri gyalamusaamu abakunguzi be era nabo engeri gya bamwanukulangamu **olunyi. 4**: *"Bowaazi nava e Besirekemu. Era n'agamba abakunguzi be nti, "Mukama abeere nammwe!' era ne bamuddamu nti, 'Mukama akuwe omukisa.'"*

Ennyiriri zino era zongera okutulaga embala ya Luusi. Twalabye dda engeri Luusi gye yeewaayo eri Nawoni bwe yakola bingi *eby'okusaasira*. Kaakati tulaba ngayatandika okugenda okukola mu nnimiro asobole okulabirira nyazaala we (**v. 2**). Okulonda ebisigalidde mu nnimiro kiragiro kya Mukama okusobola okulabirira bannamwandu, baamulekwa ne bannagwanga, (**Bal 19:9-10; Ma 24:19-22**). Ekyokubiri, mwetowaze. Teyamala gagenda n'atandika okulonderera, newakubadde ng'eryo lyali ddembe lye mu mateeka, naye yasaba nti, *"ssebo nkusaba onzikirize okulonda ebisigalidde emabega wa bakunguzi"* (**olunyi. 7a**).

Ekyokusatu, yali muyiiya era nga mugezi. Abakunguzi ba Bowaazi baamugamba nti *"Luusi abadde akola okuva ku makya okutuuka kaakano, okuggyako okuwummulamu akatono"* (**olunyi. 7b**). mu kukola kino, Luusi yali ayolesa embala Abakristaayo bonna gye bandibdde nayo. Katonda yatutondera kukola—okukola kirungi era kya kitiibwa era tulina okukola okuweesa Katonda ekitiibwa (**Lub 2:15; Eng 6:6-11; Bef 4:28; 6:5-8; Bak 3:22-25; 1 Bas 4:11; 1 Tim 6:1-2; Tito 2:9-10**). Bayibuli ekubiriza abantu obutaba banafu oba abagayaavu, naye okuba abakozi abanyiikivu—eryo ly'ekkubo ly'okukola eby'obuggagga (**Eng 6:6-11; 10:4-5, 26; 12:11, 24, 27; 13:4, 11; 14:23; 15:19; 16:26; 19:15; 20:4, 13; 21:5; 24:30-34; 27:23-27; 28:19; Omub 10:18; Bef 4:28; 2 Bas 3:6-13**). Okuyita mu kukola n'okutandikawo emirimu, Katonda awa abantu okukola ssente n'okubeera mu bulamu obweyagaza (**Ma 8:16-18; Eng 13:11; 22:29; 28:19-20; Bef 4:28; Yak 4:13-15**). Pawulo akubiriza abakkiriza okukola **2 Bas 3:6-12**, *"[6] Abooluganda abaagalwa, mbakuutira mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo ne mu buyinza bwe, mwewalenga abagayaavu abatayagala kukola mirimu ne balemwa okugoberera ekyokulabirako kye twabateerawo. [7] Kubanga mmwe bennyini mumanyi bulungi bwe kibagwanira okutugobereranga ng'ekyokulabirako kyammwe, kubanga temwatulaba nga twegomba okulya ebyo bye tutakoleredde, [8] tetwakkiriza kulya mmere ya muntu yenna awatali kumusasula. Twafubanga nnyo ne tukoowa nga tukola emirimu emisana n'ekiro tulyoke tufunemu bye twetaaga okukozesa, era tuleme kuzitoowerera muntu n'omu ku mmwe. [9] Si kubanga tetwalina buyinza okubagamba mmwe okutuliisa, naye twayagala mutulabireko nga bwe kibagwanidde okukolanga. [10] Era ne bwe twali gye muli eyo, twabakuutira nti omuntu yenna bw'agaananga okukola emirimu, n'okulya talyanga. [11] Kyokka tuwulira nti mu mmwe mulimu abagayaavu abatayagala kukola, aboonoona ebiseera byabwe mu kusaasaanya eŋŋambo. [12] Mu linnya lya Mukama waffe, tubeegayirira era tubakuutira abali bwe batyo, okukolanga emirimu n'obunyiikivu n'obuteefu balyoke balyenga ebyo bye bakoleredde."* Mu bigambo ebirala, okukola kikolwa kya *mpisa,* si kyetaago kya kufuna bufunyi ssente kyokka. Okukola kuwakanya ekibi ky'obugayaavu (obwa ssemugayaavu) era ne kugoba n'ekibi ky'okubeera mu lugambo ng'obeera mu kwogera ku balala mu kifo ky'okubeera ng'okola emirimu gyo (ekitegeeza, okuba kalilugambo).

Ennyiriri zino zitulaga Katonda omussukkulumu ng'atuukiriza enteekateeka ze "emabega w'olutimbe," newakubadde nga teyeeraga nga ye era nga buli kimu kirabika nge "eky'obuntu." Kimanye nti Katonda yali amanyi buli kyali kigenda mu maasoera yali akozesa ebigendererwa bya Luusi ne Bowaazi okutuukirza enteekateeka ze mu bujjuvu. Nawomi yali amanyi ebyali bigenda mu maaso wakti wa Luusi ne Bowaazi, naye olw'obukaawu n'enyiike gye yalimu yali tasobola kubitegeera. Kino kirina okujjukiza nti, bwe tubeera mu kubonaabona n'okuyita mu biseera ebizibu, wabaawo bingi ddala ku mbeera yaffe okusinga ebyo bye tulaba oba bye tusalawo okulaba. Okugatta kw'ebyo, **luny. 3** lutugamba nti bwe yagenda okulonderera, *"Luusi <u>yatuuka</u> mu nnimiro mu nnimio ya Bowaazi."* Olw'ebulaniya lugamba nti, *"omukisa gwe bwe gwatuuka"* (Huey 1992: 527; Younger 2002: 441). Omuwandiisi akozesa olulimi olw'okusavuwaza (ng'abikola mu bugenderevu) ng'ayagala okutulaga nti bino byonna byalimu Katonda, si lukisakisa nti lwe lwali lukulembera Luusi okwesanga ng'ali mu nnimiro ya Bowaazi alonderera ebisigalidde mu nnimiro, newakubadde nga teyagenderera kugenda eyo. Ronald Hals ayogera nti, "omuwandiisi ensisinkano ya Luusi ne Bowaazi okugiyita 'yali ayagala kutegeeza nti teyali nteekateeka y'abantu mu magezi gaabwe. Eri Luusi ne Bowaazi kyali kyabutanwa, naye ri Katonda ga si bwe kiri. . . . Ensisinkano eno okugiyita ey'obutanwa, omuwandiisi yali ayagala kutegeeza nti 'n'eky'obutanwa' kiruŋŋamizibwa Katonda." (Hals 1969: 12) **Olunyiriri 4** lutulaga endowooza y'emu bwe lwogera nti, *"Era laba."* Kino "kikkaatiriza nate obugabirizi bwa Katonda, 'gwe gw'oyinza obutamanya,' Bowaazi bw'atuuka!" (Younger 2002: 442). Bino ebyaliwo birina okujjukira nti tetumala gabeerawo "olw'olukisakisa." Ne mu mbeera zaffe ezisinga obuzibu, Katonda asigala muyinza wa byonna era ng'akyatuukiriza enteekateeka ze.

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

ennyi. 8-16: Ensisinkano n'enkwatagana ya Luusi ne Bowaazi

Bowaazi ayogera ku Luusi nti *"muwala wange"* (**olunyi. 8**), ekiraga nti waaliwo enjawulo y'emyaka wakati waabwe ababiri. Abakunguzi okwogera nti *"omukazi Omumowaabu"* (**olunyi. 6**), ne Bowaazi okwogera nti *"tewagoberedde bavubuka"* (**3:10**) kitukakasa ku nsonga eyo. **Ennyiriri 11-12** kitula nti Bowaazi yali yamanyisibwa byonna bye yakolera nnyazaala we n'engeri gye yava ewaabwe n'ajja e Besirekemu. Embala ya Bowaazi okubeera ng'atya Katonda ekakasibwa mu **lunyi. 12** waayogerera nti, *"Mukama akusasule olw'ebyo by'okoze, era empeera ejjudde ekusasulwe Mukama, Katonda wa Yisirayiri, mu biwaawatiro by'oyo mw'oddukidde!"*

Oluvannyuma lw'okutegeera ekyo Luusi kye yali, mu **nnyi. 8-13** Bowaazi yeeyama okuwa Luusi obuyambi obusinga ku bwabulijjo: nti agenda kusigala mu nnimiro, so si walala; asigale ng'akola n'abakunguzi banne abakazi; agaana abavubuka okumutigaatiga n'okumukabasanya; nti era enjala bw'eba emuluma, anywenga ku mazzi agasenebwa abavubuka nga gaabwe n'abakozi abalala. Mu **luny. 15** ayongerako nti akkirizibwa *"okulonderera ne mu birimba, era baleme kumukambuwalira."* Yeeyongerayo mu **luny. 16** ng'agamba abakunguzi abasajja nti, *"ne bwanalonda mu binywa temumugaana, era temumuvuunaana."*[10] Ebiragiro bino bissuka ku kulonda okwa bulijjo. **Abal 19:9** wakkirizanga abateesobola n'abagwira okulondanga ku "nkomerero" yennimiro. Bowaazi akkiriza Luusi okulondanga n'abakunguzi, ewali ebisingako obulungi okusinga ku nsonda z'ennimiro era n'alagira n'abakunguzi okumusikirayo ebirimba bya sayiri atwaleko eka. Mu kukola kino, Bowaazi yakilaga nti afaayo nnyo ku kiragiro kya Katonda eky'okulabirira abatalina mwasirizi: *"[7] Bw'onoobanga oli mu bibuga by'omu nsi Mukama Katonda wo gy'akuwa, mu mmwe bwe munaabangamu munno omwavu ali mu kwetaaga tokakanyazanga mutima gwo wadde okukodowaliranga muganda wo oyo omwavu. [8] Omwanjululizanga engalo zo, n'omuwolanga n'okwagala kyonna ky'anaabanga yeetaaga okumuwewulako obuzibu bwe. [9] Weekuumenga nnyo olemenga kubeeranga na ndowooza eno embi mu mutima gwo nti, "Omwaka ogw'omusanvu ogw'okusonyiwa amabanja gusembedde," muganda wo n'omukwatirwa ettima n'otobaako ky'omuwa. Muganda wo ayinza okujulira eri Mukama n'osangibwanga ng'ogudde mu kibi. . . . [10] Muwenga n'okwagala n'obutajuliriranga, kubanga olw'omwoyo ng'ogwo, Mukama Katonda wo ajjanga kukuwanga omukisa mu mirimu gyo gyonna, ne mu buli kintu ky'onootuusangako engalo zo. [11] Olwokubanga mu nsi temuubulengamu baavu abali mu kwetaaga, kyenva nkulagira nti muganda wo omwavu era ali mu kwetaaga omwanjululizanga engalo zo bulijjo mu nsi yo.'"* (**Ma 15:7-11**)

Okutigibwatigibwa tegwali musango mu mateeka g'Abayudaaya (laba Phiri 2006: 322; Younger 2002: 444n.18). Wabula era, Bowaazi yagaana abasajja be okukwata ku Luusi n'obutamuwemula mu bigambo nga boogera naye. Okuva edda n'edda ng'abatali baYisirayiri nga bebasenera Abayisirayiri amazzi, era ng'abakazi be basenera abasajja amazzi. Naye wano tulaba ng'abassajja bebagambye okusenera omukazi Luusi amazzi ate omugwira, kyokka ate ng'abakunguzi tebaasenerwanga mazzi (Huey 1992: 530).

Bowaazi yeeyongerayo mu **luny. 14** ng'alya eky'emisana ne Luusi, n'amuwa ebimumala n'okufissa n'afissaawo. Eŋŋaano ensiike ye yali emmere enkulu (laba **1 Sam 17:17; 25:18**). abalonderera, okusingira ddala bannagwanga tebayitibwanga kulya ku mmere yabakunguzi abatongole. Ebiragiro bye yawa abakunguzi ng'abalagira okulya ne Luusi ku kijjulo kyali kyakulabirako kya Bowaazi olw'okusaaasira kweyalaga eri Luusi. Kikulu nnyo okukimanya nti okusaasira Bowaazi kwe yalaga Luusi n'okusaasira Luusi kwe yalaga Nawomi tekusangibwa mu nkola "yeddiini" ezimu, okusingira ddala gye tukolera (eyo *okusaasira* gye kutatera kubeera). Bano balina okubeera eky'okulabirako kyaffe.

Okwanukula kwa Luusi mu **luny. 10** kutulaga nti ekisa kya Bowaazi kye yamulaga kyamwewuunyisa kitalo. Okwanukula kwa Bowaazi mu **nnyi. 11-12** kwali kukulu. Ekisooka, ebigambo bye mu **luny. 11**, *"By'okoledde nnyazaala wo kasookedde balo afa, ne bwe waleka kitaawo ne nnyoko era n'abantu bo n'ojja mu nsi ey'abantu botomanyi,"* luddamu ekyo Katonda kye yagamba Ibulayimu, *"vva mu nsi yo era mu nsi ya kitaawo ne mu bantu bo ogende mu nsi gye ndikulaga"* (**Lub 12:1**). Kino nno kitusunirako katono mu ngeri ey'enkiso okutulaga ekitundu kya Luusi kye yazannya mu nsong z'obulokozi (newakubadde nga Luusi ne Bowaazi baali tebakimanyi nabo kennyini). Robert Alter ayogera nti "Luusi alabibwa nga jjajja omukazi ow'okukkiriza eyazaalibwa obukulu" (Alter 1981: 59). Waliwo ebirala ebifaanagana: bombi, Ibulaamu ne bataandikira obulamu bwabwe mu busamize, bombi baatambula nga badda bugwanjuba bwa Yisirayiri nga bava buvanjuba. Kye kimu ekyabeera ne ku bajjajaja abakazi ab'okukkiriza Lebeka (mukazi wa Isaaka) ne Lakeeri ne Leeya (bakazi ba Yakobo). Bonna bavanga Mesopotamiya, mu buvanjuba bw'omugga Efuuleti (**Lub 24:3-4, 38; 29:4-5; 31:20-21**), kale nabo, okufaanana Ibulaamu, baali banaggwanga ab'ensi eri ebuvanjuba bwa Yisirayiri. Alter agattako, "Mu nsonga za Lebeka ne Lakeeri, nga tutunuulira obukulu bw'ensonga ekwataganyizibwa n'omuzaana eyali ku luzzi. Wano, ng'awanyisaganya ne Luusi, Bowaazi akikkaatiriza nti

[10] Abamu bagamba nti ebiragiro bino byaweebwa kubanga luusi yali ayolekedde okukabasanyizibwa era ng'anatera n'okuddukayo (see Younger 2002: 443-44).

obuwulize bwa Luusi eri nnazaala we bumugwanyiza okubeera mu lulyo olwo." (Alter 1981: 59) Kino kyali kyakulabikira mu njiri mu yo ng'olulyo terugenda kukola makulu. Nga Pawulo bw'ayogera, *"Tewakyali kusosola wakati wa Muyudaaya na Muyonaani, wakati wa muddu na wa ddembe, wakati wa musajja na mukazi, kubanga mwenna muli omu mu Kristo Yesu. Kale kaakano nga bwe muli aba Kristo, muli zadde lya Ibulayimu, ng'ekisuubizo ky'abasika bwe kiri."* (**Bag 3:28-29**; soma ne **Bak 3:11**).

Ebigambo bya Bowaazi eby'omulundi ogwokubiri mu **luny. 12**, *"Mukama Katonda wa Isirayiri gwe weeyuna wansi w'ebiwaawaatiro bye, akusasule olw'ebyo by'okoze, era akuwe empeera ennene ddala.!"* bikakasa Bowaazi ng'omusajja wa Katonda akola ebituukiridde. Mu butuufu yali mutuufu okugamba nti Mukama yali asasula Luusi olw'okwagala n'okwewaayo eri Nawomi—Bowaazi kye kikozesbwa kya Katonda kyokka okuwa omukisa. Okweyongerayo, ekiva mw'ekyo ye Katonda okugaba omukisa, era ng'agenda kuwa Luusi omukisakubanga anooonyezza obubudamo wansi w'ebiwaatiro bye. Okubeera wansi w'ebiwawaatiro bya Katonda yali njogera mu Ndagaano Empya n'Enkadde ekiraga obwesigwa bwa Katonda okukuuma (**Kuv 19:4; Ma 32:11; Zab 17:8; 36:7; 57:1; 91:4; Mat 23:37; Yobu 13:34**), okuwonyezebwa (**Mal 4:2**), amaanyi (**Isa 40:31**), n'essanyu (**Zab 63:7**). Enjogera eyo eddamu okulabikira mu **3:9** ng'ekitundu ekikulu mu mboozi eno. Bowaazi ayinza okuba nga teyamanya kye yali ayogerako mu **2:12**. Naye baddamu ne bakiraga nti Katonda y'eyali emabega w'ebyali bigenda mu maaso, era Bowaazi mu butuufu y'eyali ekikozesebwa ky'ekisa kya Mukama, okutuukiriza enteekateeka ya Katonda ey'obununuzi. Mu **luny. 13**, ebigambo bya Luusi, *"Ndabe okuganja mu maaso go,"* kiraga okusaba kwe mu **luny. 2**—*"Ka ŋŋende mu nnimiro okulonda ebirimba bya sayiri, ngoberere oyo anankwatirwa ekisa"*—kwaddibwamu.

ennyi. 17-23: Okwogera kwa Luusi ne Nawomi mu nsisinkano yaabwe

Obukugu bw'omuwandiisi anyumisa emboozi nate buddamu okulabikira mu kitundu kino. Younger (2002: 447) atulaga nate omuwandiisi butya bw'agattamu emboozi:

Atunyumiza entandikwa (**2:17b-18**)
A. Okusaba kwa Nawomi n'okuwa omukisa (**2:19a**)
B. Okwanukula kwa Luusi—yakola n'omusajja ayitibwa Bowaazi (**2:19b**)
C. Omukisa gwa Nawomi eri Bowaazi era n'okubikkulirwa—wa luganda lwabwe era y'omu ku banunuzi baabwe (**2:20**)
B'. Okwanukula kwa Luusi (**2:21**)
A'. Okusembebwa okuva ewa Nawomi (**2:22**)
Atunyumiza enfundikira (**2:23**)

Ekitundu kino kitulaga ebyava mu kisa n'obugabi bwa Bowaazi eri Luusi (era okuyita mu ye ne Nawomi n'ayambibwa,). Efa ya sayiri (**olunyi. 17**) etebeerezebwa okuba ng'amakkati g'akalobo oba kimu kya kusatu kyako (ebalirirwamu nga liita 10 oba 20) (Huey 1992: 532; Younger 2002: 447-48). Omuntu wa bulijjo alonda mu nnimiro yali tasobola kunnyuka na kyenkana awo. Luusi yeyongera okulonda mu nnimiro ya Bowaazi *"okutuusa amakungula ga sayiri ne ŋŋaano lwe gaggwako"* (**olunyi. 23**), agatera okumala wiiki nga musanvu okuva ogwokuna okutuuka mu gwokutaanol (Huey 1992: 533; Younger 2002: 448). Bw'aba nga yeeyongera okukuŋŋaanya obuzito obwo mu sayiri n'eŋŋaano, abeera yasobola okukuŋŋaanya emmere eyabamazaako emyezi munaana ku mwaka ye ne Nawomi (Younger 2002: 448).[11]

Ekinyusi ekikulu mu kitundu kino, ekitulagibwa omulundi ogusooka, kye ky'okuba nti Bowaazi *"wa luganda lwaffe ddala era nga y'omu kubanunuzi baffe,"* (**olunyi. 20**). Nawomi yali ajuliza ku nkola y'Abayisirayiri eyogera "ku w'oluganda-omununuzi" (Olwebulaniya = *go'el*) oyo ye muntu "mulamu wo omusajja akola ng'omuwolereza w'abatalina mwasirizi/oba mu b'ekika abateesobola n'asobola okuggyawo okutawaanyizibwa mu kika kyonna, n'aleeta embera ennungi, oba *emirembe* (okusingira ddala ng'ayita mu bununuzi oba mu kuzzaawo ebintu, abantu, oba oluganda)" (Younger 2002: 399; soma **Bal 25:24-34, 47-55**; soma era Hubbard 1991: 4-5). Ekimu kw'ebyo singa wabangawo omuntu afudde mu kika nga tannazaala, ono *go'el* yasobolanga okuwasa namwandu oyo n'azaalira omugenzi omwana era omuggulanda baamutuumanga amannya g'omugenzi, okuzzaawo ekika n'okuzaawula omusaayi (soma **Lub 38:6-11; Ma 25:5-10**). Buno bwateranga okuyitibwa "obufumbo bw'obulamu," nga kiva mu kigambo kyolulattini ekiyiyitibwa *levir*, ekitegeeza "muganda wa balo." Ono "mulamu" ayinza okuba nga yazaalibwanga nomugenzi oba omuntu abalibwa okuba ngava mu lunyiriri olwo (Britannica 2022: "levirate"). Okusikira ebintu nakyo kyali kikulu nnyo mu bufumbo bw'obulamu. "ewali ettaka okuba nga lyatwalibwa, okulinunula 'y'emanduso' mu buvunaanyizibwa bwbufumbo buno" (Younger 2002: 403). Kino kikgenda kubeera kikulu nnyo mu nkwatgana ya Bowaazi ne Luusi no "woluganda omununuzi" mu **Luusi 4**. Younger agattako nti *go'el* kyali tekimukakatako

[11] Kino kyali kisoboka, kubanga Bowaazi yali awadde Luusi ekifo eky'enjawulo *"eky'okubeera okumpi n'abavubuka okutuusa ng'amakungula gonna gawedde"* (**olunyi. 21**).

okukola obununuzi, nay nga y'asalawo; kale nno, nga yalina okusalawo okukola obununuzi /nokuzzaawo ebyatwalibwa (Younger 2002: 403).

Olunnyiriri 23 lututwala ku nkomerero y'amakungula ga sayiri n'eŋŋaano, oluvannyuma lw'emyezi ng'ebiri okuva Luusi lwe yatandika mu **luny. 3**. Kino kitulaga nti Luusi yamala emyezi ng'ebiri ng'akola buteebalira, ob'olyawo yasoboala okukungulayo nga kkilo abiri buli lunaku. Wabula, tewali kabonero katulaga okuva mu bwinot nti enkolagana ya Bowaazi ne Luusi yali erina weetuuse. Mu bufunze, okusinziira ku mboozi, tusigala awo mu bbanga.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Endowooza y'Omukristaayo erina kubeera etya eri okukola?

- Okukola kufuuka kutya *enneeyisa* esaanira?

- Ekkanisa zaffe zinaayigiriza zitya abantu okukola n'okuyamba abo abali mu bwetaavu okufuna emirimu emirungi era egibasaanira?

2. Luusi ne Bowaazi baayolesa batya embala esaanira okubeera eky'okulabirako ky'Abakristaayo?

3. Luusi afaananamu atya bajjajja b'okukkiriza abakazi (Lebeka, Lakeeri, Leeya), era atusongera atya mu maaso ku njiri?

4. Tusobola tutya okukola *ng'abanunuzi* mu mbeera zaffe ez'ennaku zino?

E. ***Luusi ayogereza Bowaazi*** **(3:1-18)**

[1] Awo Nawomi nnyazaala wa Luusi n'amugamba nti, "Lwaki sikunoonyeza maka ag'okubeeramu, bakulabiririre eyo? [2] Ewa Bowaazi gy'obadde n'abaweereza be abawala, ye muganda waffe. Kale, ekiro kya leero ajja kuba ng'awewa sayiri mu gguuliro. [3] Kale naaba osaabe obuwoowo, era oyambale engoye zo ezisinga obulungi. Oluvannyuma oserengete mu gguuliro; naye tomuganya kumanya nti wooli, okutuusa ng'amaze okulya n'okunywa. [4] Oluvannyuma ng'agalamiddeko wansi, weetegereze ekifo w'agalamidde, ogende obikkule ku bigere bye emirannamiro, naawe ogalamire awo; anaakubuulira eky'okukola." [5] Awo Luusi n'amugamba nti, "Nzija kukola nga bw'ondagidde."

[6] N'aserengeta mu gguuliro, n'akola byonna nga nnyazaala we bwe yamulagira.
[7] Awo Bowaazi bwe yamala okulya n'okunywa, era nga musanyufu, n'agenda n'agalamira ku mabbali g'entuumo ye ŋŋaano. Luusi naye n'asooba mpola mpola, n'abikkula ku bigere bye, n'agalamira awo kumpi naye. [8] Ekiro mu ttumbi, Bowaazi ne yeekanga, bwe yeekyusa n'alaba omukazi agalamidde kumpi n'ebigere bye. [9] N'amubuuza nti, "Ggwe ani?" Luusi n'addamu nti, "Nze Luusi omuweereza wo. Mbikkaako ku lugoye lwo kubanga oli mununuzi wa kika." [10] Bowaazi n'amuddamu nti, "Mukama Katonda akuwe omukisa muwala ggwe, olw'ekisa ekinene kyondaze okusinga eky'olubereberye, kubanga togenze wa bavubuka, abagagga oba abaavu. [11] Kaakano, muwala ggwe, totya. Nzija kukukolera buli kintu kyonna ky'onoosaba. Abantu bange bonna ab'omu kibuga, bamanyi ng'oli mukazi mwegendereza. [12] Kya mazima ddala ndi mununuzi wo, naye waliwo ansingako. [13] Beera wano okutuusa obudde lwe bunaakya. Kale bw'anaayagala okukutwala, kinaaba kirungi; naye bw'anaaba nga tasiimye, Mukama Katonda nga bw'ali omulamu, nnaakutwala." [14] N'agalamira kumpi n'ebigere bye okutuusa enkeera, naye n'agolokoka nga tebunnalaba addeyo eka. Naye Bowaazi n'amukuutira nti, "Kireme okumanyibwa nti omukazi yazzeeko mu gguuliro." [15] Era n'amugamba aleete omunagiro gw'ayambadde; n'agukwata, n'amugerera ebigero mukaaga ebya sayiri, n'abimutikka, oluvannyuma Luusi n'addayo mu kibuga.

[16] Bwe yatuuka eri nnyazaala we, Nawomi n'amubuuza nti, "Byagenze bitya muwala wange?" N'amubuulira ebintu byonna Bowaazi bye yamukoledde, [17] era n'ayongerako nti, "Yampadde ebigero bino omukaaga ebya sayiri, n'aŋŋamba nti, 'Toddayo wa nnyazaala wo ngalo nsa.'" [18] Nawomi n'amugamba nti, "Gumiikiriza, muwala wange, olabe ebigambo gye binakkira, kubanga leero omusajja oyo tajja kuwummula okutuusa ensonga eyo lw'anagimala."

ennyi. 1-5: Enteekateeka ya Nawomi

Ekitundu ekisembayo mu ssula 2 ky'awa Nawomi essuubi. Kaakati Nawomi, ng'oyo okuva lwe yava e Mowaabu okudda e Besirekemu yali takyawulikika, kaakti aliko by'atandise. Essuubi lituyamba obuteetuulako,

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.
okutunula mu maaso, okulowooza ku balala, n'okulowooza butya bwe tusobola okukola obulungi. N'okutuusa kaakano, Luusi akyakulembeddemu mu kuyamba Nawomi. Nawomi kaakati alabye ebyo byonna Bowaazi—mulamu we—byakoledde Luusi (era naye), Nawomi avaayo n'enteekateeka okuyamba Luusi. Ennyiriri zino zitubikkulira nti kaakati alina enteekateeka, eyo John Piper gy'ayita "oluwenda olutuukirivu," kwe kugamba., enteekateeka endowoozeeko ey'ekigendererwa, ey'okukulemberamu okukola ekituufu era ekirungi (Piper 2010: 80-81). Nga Bowaazi bwe yali omukutu Katonda gwe yakozesa okuwa Luusi ne Nawomi omukisa, kale nno n'enteekateeka ya Nawomi yali yakulabisa enteekateeka ya Katonda ey'ekigendererwa ng'efuluma ebweru okulabibwa. Katonda okusinga akola ng'ayita mu bikolwa by'abantu. Enteekateeka bwetuukirira eyo yegenda okuba *"empeera ejjudde erikuweebwa MUKAMA"* eyo Bowaazi gye yasabira Luusi mu **2:12**.

Nawomi alabikirawo ng'afaayo ku bukuumi bwa Luusi n'okubeera kwe obulungi (**olunyi. 1**). R. K. Harrison akiraba nti, ng'amakungula ga sayiri n'eŋŋaano nga gakomye Luusi tagenda kubeera na mulimu okutuusa emizabbiibu n'empirivuma lwe binaakungulwa, "tewagenda kubaawo mulimu gwa Luusi okutuusa emizabbiibu nempirivuma lwe binaakungulwa.[12] N'olwekyo, Nawomi ayagala wabeewo engeri eyenkalakkalira enaayamba mukamwana we." (Harrison 1992: 185) Enteekateeka ye teyesigamye ku kya Bowaazi kubeera wa luganda omuggaga-omununuzi naye lwa kubeera ow'oluganda amanyi ku bya Luusi era ng'amukwatirwa ekisa (**olunyi. 2a**). Kale n'olwekyo, Bowaazi eky'okufumbiriganwa ayinza okukyagala. Enteekateeka ya Nawomi esigadde ya bikolwa nnyo. Bowaazi agenda kuba *"ng'awewa sayiri ekiro kya leero mu gguuliro"* (**olunyi. 2b**), kwe kugamba., agenda kubeera yekka ng'embeera emusobozesa okuwuliriza eby'okumusaba obufumbo. Ggwe Luusi n'olwekyo *"yoza omunagiro gwo era wesiige n'amafuta"* (**olunyi. 3a**), kwe kugamba., beera ng'olabikako nga bwekisoboka; kino kiyinza n'okulaga obukalaativu bw'ekigendererwa kyo. Luusi "*talina kweraga eri musajja okutuusa ng'amaze okulya n'okunywa"* (**olunyi. 3b**), kwe kugamba., linda okutuusa nga Bowaazi ali mu mbeera emusobozesa okukuwuliriza obulungi. Eky'enkomerero, *"bwagalamirako wansi, weetegereze ekifo w'agalamidde. Olwo genda obikkule ebigere bye naawe ogalamire awo, era ye ajja kukubuulira ekyokukola"* (**olunyi. 4**).

Ekitundu ekisembayo ekyenteekateeka eno kiriko obutakkaanya bungi. Mu byawandiikibwa ebimu mu Bayibuli, ekigambo "ebigere" ebeera njogera etegeeza obusajja (laba **Bal 3:24; 1 Sam 24:3**, wano mu lw'Ebulaniya ewagamaba "okubikka ebigere bye"). Nate "okwebaka" n'omuntu oluusi kitegeeza okulya ebisobooza (laba **Lub 39:7; 2 Sam 13:11**). N'olwekyo, aboogezi abamu bagamba nti Luusi kye bamugamba okukola kyali kyakubikkula nsonyi za Bowaazi bombi balye bisobooza. Newakubadde nga kirabika ng'ewabaawo ekigendererwa ky'okula ebisobooza singa omukazi abikkula omusajja ekiro ate ne yeebaka kumpi naye, wabula endoowooza nti yamubikkula kulya naye bisobooza tekwatagana na byawandiikibwa era si ntuufu n'akamu. Ekisooka, embala y'obwakatonda mu Luusi ne Bowaazi yali nnywevu. Kubanga Nawomi okutuma Luusi akole eby'obugwenyufu era ne Luusi n'akkiriza kiri wabweru w'embala yaabwe bombi; era tekikwataganira ddala na mbala ya Bowaazi. Ekyokubiri, ekyali kikolebwa mu mbeera eno y'ennono y'okusaba omuntu obufumbo nga tokozesezzaa bigambo (soma **Ma 22:30; 27:20; Ezek 16:8; Mal 2:16**). Kino kikwatagana mu **luny. 4** Nawomi wagambira nti, *"ajja kukubuulira eky'okukola."* Ekyokusatu, ekikakasa nti Bowaazi ne Luusi okuteesa kwa Nawomi tebakukoleramu zonto, by'ebyo Bowaazi ne Luusi bye baakola ekiro ekyo: tewaaliwo kulya bisobooza kwogerwako. Luusi yali anoonya bufumbo bwennyini *"kubanga oli mununuzi"*; Bowaazi asuubiza, *"nja kukukolera byonna byosabye"*; era n'amuyita "*omukazi omwegendereza"* (**3:9-11**). Mu butuufu, singa Bowaazi ne Luusi baali abamaze okulya ebisobooza mu gguuliro, ekitundu kye tulabiramu Bowaazi n'aboluganda ku mulyango gw'ekibuga mu ssuula 4 "byandibdde bya bulimba nga Bowaazi agezaako kusiriwaza bantu ng'abasaba bamukkirize amuwase so ng'ate yamufunako dda obuyinza" (Bernstein 1991: 17).

Newakubadde ng'eteekateeka yali ekwatagana n'ennonno, waali wakyaliwo obwerende. Bowaazi kyali tekimukakatako kuwasa Luusi. Nga bwe tugenda okukiraba mu **3:12**, si ye yali mulamu we owokulusegere. Ekirala, nga ye omusajja omuYisirayiri omuggagga owamaanyi alina ettaka, yandiijereze ebikolwa bya Luusi ng'abiraba ng'ebyomuntu ayagala okuva mu mbeera embi okudda mu baggagga, namwandu Omumowaabu. Ekisembayo, yali asobola okutuukiriza eby'okwesanyusa ne Luusi n'amuvunaana olw'okumusendasenda oba n'olwokubeera malaaya! Nga tafuddeeyo ku bulabe buno, Luusi yaddamu Nawomi ntii, *"byonna by'oŋŋambye nja kubikola"* (**olunyi. 5**).

ennyi. 6-15: Luusi ne Bowaazi batuukiriza enteekteeka za Nawomi

Nga bwe tuzze tulaba enfunda eziwerako, nti omuwandiisi ya mukugu mu kintu kye. Kale nno, ng'essuula 3 bwe yagitegeka obulungi ennyo (laba ensengeka waggulu), ekitundu kino ky'amakkati eky'entabiro nakyo yakisengeka bulungi:

[12] Emizabbiibu gyakungulawanga mu ddumbi ate empirivuma mu ttogo (Morrison 2022: n.p.).

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.

A. Ebikolwa bya Luusi ebiriko kye biraga (emboozi) (**ennyi. 6-7**)
B. Ebigambo bya Luusi ebisaba (okuteesa) (**ennyi. 8-9**)
B'. Ebigambo bya Bowaazi ng'akkiriza (okuteesa) (**ennyi. 10-13**)
A'. Boaz's symbolic actions of commitment (emboozi) (**ennyi. 14-15**)

Nga bwe twakirabye edda, okusingira ddala mu ssuula 2, Katonda akola ng'ayita mu bikolwa by'abantu era akozesa embeera eza bulijjo era "ebitali byetegekere" okutuukiriza enteekateeka ze (laba **2:3-4** n'emboozi eri waggulu). Tulaba ekintu kye kimu nga kikola wano: oluvannyuma lwa Bowaazi okulya n'okunywa *"omutima gwe gwali musanyufu, n'agenda okwebaka ku ntuumo ya sayiri"* (**olunyi. 7**). Mu bigambo ebirala, Bowaazi yewummuzangamu (nga tamanyi kigenda kuva mw'ekyo), era bw'atyo "yeesanga" yeebase mu gguuliro awo bino we byali bigenda okubeererawo nga tebirabiddwa balala kubitaataganya oba okubitaputa obubi.

Luusi n'akola nga Nawomi bwe yamulagira. Bowaazi bwe yalaba omukazi eyeebase ku bigere bye[13] era n'amubuuza nti *"Ggwe ani?"* Luusi n'amuddamu, *"Nze Luusi, omuzaana wo. Bikka ebiwawaatiro byo ku mzaana wo, kubanga ggwe oli mununuzi"* (**olunyi. 9**). Ekigambo "ekiwawaatiro" (Olwebulaniya = *kānāp*) era kitegeeza "ekipumpulira" ky'omuajja oba "omunagiro" (Huey 1992: 530). N'olwekyo, enzivuunula eziwerako ziraga nti Luusi yali agamba nti, *"Bikka ekyambalo kyo ku muzaana wo"* (KJV), oba *"Bikka ekipumpulira kyo ku muzaana wo"* (NASB), oba *"Mbikka ensonda y'ekyambalo"* (NIV). Kale "okubikka ekyambalo" ku muntu kisoko ekitegeeza "okuwasa" (Brotzman 1994: 153; Younger 2002: 462n.20). Walter Kaiser, et al. akinokolayo nti "ekisoko kyalaganga ennonno, era nga kikyakolebwa Abawarabu abamu, ng'omusajja akasuka ekyambalo kye eri omukazi oyo gwasazeewo okuwasa" (Kaiser, et al. 1996: 200). Wabula, enkozesa y'ebigambo (era n'enzivuunula ya ESV) *"gaziya ebiwawaatiro byo"* nkulu era erina amakulu amakusike. Eyo y'enzivuunula y'ekyo Luusi kye yali ategeeza. Enkozesa y'ebigambo ky'eva ebeera enkulu kwe kuba nga Bowaazi ayanukula ebyo Luusi bye yali amugambye mu **2:12,** *"Mukama Katonda wa Isirayiri gwe weeyuna wansi w'ebiwaawaatiro bye, akusasule olw'ebyo by'okoze, era akuwe empeera ennene ddala!"* Ewalala ewakozesa enjogera "yokubikka n'ebiwawaatiro" kikwataganyizibwa n'abagalana mu **Ezek 16:8**, awo Katonda wayogerera ku Yisirayiri ng'omuzaana omuto *"Ne nkulayirira ne nkola naawe Endagaano, bw'ayogera Mukama Katonda, n'ofuuka wange."* John Piper agamba nti, "bwe kiba nga kino Luusi kye yali asaba Bowaazi, okusaba kwe kwali kussuka ku ky'okulya ebisobooza. Kino kye yali agambira ddala, 'nkusaba mbeere omuntu gw'owadde obweyamo bw'obwesige bwo era oyo gw'okoze naye ebiragaano by'obufumbo." (Piper 2010: 86) Luusi ng'akozesa ebisoko bye bimu nga Bowaazi bye yakozesa kyongera okulaga nti Luusi yategeera Bowaazi kye yali atgegeeza bwe yakozesa ebisoko mu **2:12** nti, "kubanga wekweka wansi w'ebiwawaatiro bya Katonda, ggwe mukazi gwe njagala okubikka n'ebiwawaatiro byange" (Piper 2010: 87). Nga Hubbard bwagamba, "Ng'addamu ebigambo ebikulu n'akamwa ke, Luusi yali asaba Bowaazi akkirize okusaba kwe!" (Hubbard 1991: 17). Kino era kikulaga engeri Katonda "gy'abeera emabega w'ebintu," ngakozesa abantu okutuukiriza okwagala kwe n'enteekateeka ze: "Bw'abikka Luusi *n'omunagiro* gwe —olwo, abeera akkiriza okumuwasa— Bowaazi ayogera ku *munagiro* gwaYakuwa—obwo, nga bwe bukuumi bwa Luusi. Oba, okunyweza ekirowoozo ekyali kireeteddwa mu kusooka [okusaba kwa Nawomi mu **1:8** nti Katonda *yasaasira* Luusi], *okusaasira* kwa Bowaazi eri Luusi y'engeri Yakuwa gye *yasaasiramu* Luusi ng'ayita mu Bowaazi." (Hubbard 1991: 17)

Okwanukula kwa Bowaazi eri Luusi tekwali kwakumweyambisa okutuukiriza ebimusanyusa ng'alya ebisobooza. Ebigambo bye mu **3:10-11**, *"Bowaazi n'amuddamu nti, "Mukama Katonda akuwe omukisa muwala ggwe, olw'ekisa ekinene kyondaze okusinga eky'olubereberye, kubanga togenze wa bavubuka, abagagga oba abaavu. Kaakano, muwala ggwe, totya. Nzija kukukolera buli kintu kyonna ky'onoosaba. Abantu bange bonna ab'omu kibuga, bamanyi ng'oli mukazi mwegendereza,"* bikakasa nti Luusi yali ategedde bulungi ebigendererwa bya Bowaazi bwe yali naye mu nnimiro. Kati Bowaazi bw'ajuliza mu 3:10 to *"ekisa kino ekisingayo,"* ekigambo ekivvuunulwa "ekisa" kwe *kusaasira.* Ekisa kya Luusi ekyasooka kwe *kusaasira* kwe yalaga Nawomi, n'aleka ensi y'ewaabwe, n'ajja naye e Besirekemu. Ate ne yeeyongera *okumusaasira* ng'anyiikira okulonda eby'okulya okuva m nnimiro. Kaakati yewaayo eri Bowaazi era n'okuzzaawo ekika mu bujjuvu ng'akola akabonero akokwogereza Bowaazi. Ng'abikka Luusi "n'ebiwawaatiro," Bowaazi era naye ayongera *okusaasira* Luusi. Engeri Bowaazi *gy'asaasiramu* Luusi eyo y'engeri ne Katonda *gy'amusaasiramu* era nga kwe kutuukirizibwa *"okw'empeera ejjudde"* Bowaazi gye yali amujuliza mu **2:12**.

Piper anokolayo ekintu ekirala ekikulu Katonda kye yakola ng'ayita mu Bowaazi ne Luusi (era nate ekitamanyibwa Luusi ne Bowaazi): "Luusi mu butuukirivu era ne mu butukuvu anatera okuteekebwa Bowaazi mu lulyo olugenda okuzaala Yesu Kristo. Ekiseera ekituufu n'ekigendererwa eky'olubeerera kisisinkana mu

[13] Younger akinokolayo nti ekigambo kw'Olwebulanyia "ebigere" (*marg^{e}lot*) kikozesebwa mu Bayibuli mu **Luusi 3:4, 7, 8, 14** ne **Dan 10:6** wokka. Kiva mukigambo *regel* ekitegeeza ekigere, okugulu. Mu **Dan 10:6** kitegeeza magulu gombi. N'olwekyo, amaliriza agamba nti Luusi yali wakubikkula magulu oba ebigered "yeebake kumpi naye (ob'olyawo ku 'bigere bye' nga bwekisinga okutegeerwa)" (Younger 2002: 459, 459n.10).

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.
kiseera kino ekitukuvu." (Piper 2010: 91-92) Yesu yagamba, *"Baamukisa abalongoofu mu mutima, kubanga baliraba Katonda"* (**Mat 5:8**). Ekyo mu butuufu kyogera ku mirembe n'emirembe, naye nga kitandika kaakano. Bowaazi ne Luusi basigala nga balongoofu mu gguuliro, newakubadde nga baali mu mbeera ey'ekigezo. Ekyo kya kyakuyiga gye tuli. Piper agattako, "kino tekikusubwa. Kikulu gy'oli n'obulamu bwo obw'ekisenge. . .. Kkiriza okwefuga kwa Bowaazi okw'amaanyi okw'empenda ez'obutuukirivu kulabikire mu ggwe, ne mu bualamu bwo ku nsonga z'ekisenge: 'Tujja kulinda. Tujja kulinda okutuusa ng'ebintu byonna bifuuliddwa bituukirivu ng'ekigambo kya Katonda bwe kiri.'" (Piper 2010: 92-93) Katonda ekyo ajja kukiweerako empeera mu bulamu bwo. Okusiima kwa Katonda gye tuli kusukkuluma ku kwekuuma obuteyonoonesa kyokka. Ekitabo kino okusingira ddala kiri ku nneeyisa y'abantu era n'okuyisa obulungi okusingira ddala abo abonnyumba ey'okukkiriza. Tulina okukola *ng'abanunuz*i eri abo abali mu bwetaavu. Ffena tusobola *okusaasira* abalala. Yesu yagamba, *"Ku kino abantu bonna kwe balimanyira nti mu bayigirizwa bange, bwe mawagalanaga"* (**Yok 13:35**). Singa ekkanisa—omuntu kinnoomu n'ekibiina—babeera bakalaativu ku kino, obuweereza bwaffe eri ensi bwalibadde busingako nnyo wano we buli.

Ekyamazima kiri nti Bowaazi yali musajja wakitiibwa eyali yeewaddeyo eri Luusi, kino kikakasibwa mu **nnyi. 12-15**. Ekisooka, yakkiriza nti waaliwo ow'oluganda aliraanye ennyo Erimereki okusinga ye; n'olwensonga eyo, obuvunaanyizibwa bw'okukola nga *omununuzi* bwali bukwata ku muntu oyo. Bowaazi yali tayagala kuwakanya nkola ya kika. Okusinziira kunnyumya y'emboozi eno, kino kyongerawo obunkenke mu nsonga zino. Naye Bowaazi akitangaaza bulungi mu **luny. 13** nti singa ow'oluganda ow'okulusegere tamununula, ye ajja kumununula. Mu butuufu, mu **luny. 13** yakola ekirayiro mu linnya lya Mukama: *"Nga Katonda bwali omulamu, nja kukununula."* F. B. Huey ekyo akinokolayo nti ekyo "ky'ekirayiro Omwebulaniya kye yakolanga ekimusiba mu ndagaano," era "ng'obutatuukiriza kirayiro ekyo ekirimu erinnya lya Mukama kwalibadde kumenya etteeka eryokusatu (okuva 20:7)" (Huey 1992: 538). Jared Wilson agattako nti "Bowaazi agamba nti agenda kununula Luusi *kubanga Katonda mulamu*" (Wilson 2017: n.p.). Ekyo kya kuyiga gye tuli: bwe tuba nga mumazima era nga tukkirirza ddala nti Katonda wa Bayibuli mulamu era waali, obulamu bwaffe bwandifaananye butya? Ekigambo kyakyusa kitya buli kye tulowooza, kye twogera, ne kye tukola? Ekyokubiri, mu **luny. 14** Bowaazi akakakasa nti tewali amanya nti Luusi yabaddeko mu gguuliro. Ekyo kigenda kukakasa nti nti bombi amannya gaabwe (okusingira ddala Luusi) gagenda kusigala nga tegaliiko nziro. Ekyokusatu, mu **luny. 15** akakasa obweyamo bwe eri Luusi mu kabonero ng'amuwa emigabo gya sayiri mukaaga. Ekyenkomerero, newakubadde ng'ebiwandiiko bingi bigamba nti, *"Awo Luusi n'agenda mu kibuga"* (**olunyi. 15b**), naye enzivuunula ya Masoretic egamba nti, *"Awo Bowaazi n'agaenda mu kibuga."* Bwe kiba ng'eyo y'empandiika entuufu, kiba kiraga nti Bowaazi teyalwisaawo bweyamo bwe okufuuka ow'oluganda omununuzi. Ekyo kyali kikwatagana n'embala ye ezze eyogerwako okuyita mu kitabo kyonna.

ennyi. 16-18: Luusi akomawo okubuulira Nawomi

Mu kitundu kino ekimpi, Luusi attottola byonna ebyaliwo mu gguuliro. Wabula, Luusi agattako ekigambo ekikulu nti, Bowaazi bwe yamuwa emigabo gya sayiri omukaaga, yamugamba nti, *"Tolina kuddayo ewaka ngalo nsa ewa nnazaala wo"* (**olunyi. 17**). Ng'addamu ekigambo "ngalo nsa," kituzzaayo ku bigambo bya Nawomi nga yaakatuuka e Besirekemu, *"Nagenda nga nzijjudde, naye MUKAMA ankomezzaawo ngalo nsa"* (**1:21**). Nate era, Bowaazi gwe mukutu Katonda gw'akozesa okuyamba Nawomi olw'ebyamubaako olw'okufiirwa omwami we n'abaana be. Okwanukula kwa Nawomi kulaga nti Nawomi ategedde Bowaazi kyawulira n'obweyamo bwe okutereeza ensonga eyo amangu ddala. Era tulaba n'empandiika y'omuwandiisi ennyuvu: "Essuula eggulawo ne Nawomi ng'anoonya 'ekiwummulo' kya 'muwala we (olunyi. 1). Eggalawo ne Nawomi era n'emiramwa gye gimu ('kiwummulo,' ne 'muwala wange; lunyi. 18)—naye kaakano yali alaba nga kye yali ayagala kituuse." (Nielson 2022: Week 4: Addayo Nate ewa Nawomi)

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Abakristaayo abamu balowooza nti okuteekateeka n'okutema empenda nti omuntu abeera takolerera ku "kukkiriza." Olowooza ekyo kituufu? Lwaki ye oba lwaki nedda?

- Kubaganya ebirowoozo nga wesigama ku nteekateeka ya Nawomi mu **nnyi. 1-5**.

2. Ngeri ki ez'enjawulo Luusi ne Bowaazi ze baalagamu *okusaasira*?

- Ffe tuyinza tutya era tukola tutya—nga kinnoomu era n'ekkanisa awamu—okwolesa obusaasizi ne tukola *ng'abanunuzi* eri abalala?

3. Okusigala ng'oli mulongoofu mu by'okwegatta kiyinza okuba ekizibu ennyo mu mbeera ezimu. Kyokka nga Katonda akissaamu ekitiibwa, nga bwe yassaamu Luusi ne Bowaazi ekitiibwa olw'okwekuuma ne batalya bisobooza wadde nga baali mu kaseera ak'okugezesebwa okungi mu gguuliro.

- Bintu ki bye tusobola okukola okusigala nga tuli balongoofu mu bw'okwegatta mu mbeera z'obulamu bwaffe ez'enjawulo?

- Ssuubi ki eririwo eri abo abaagwa mu kibi ky'obwenzi omulundi ogutali gumu?

4. Bwe tuba nga tukkiriza nti Katonda wa Bayibuli mulamu era waali, obulamu bwaffe bulina kufaanana butya?

- Amazima ago gakoma gatya ku buli kintu kye tulowooza, kye twogera, ne kyetukola?

F. ***Bowaazi anunula ebintu bya Nawomi era ne yefunira ne Luusi*** **(4:1-12)**

[1] Awo Bowaazi n'ayambuka ku wankaaki w'ekibuga n'atuula awo. Mu kiseera kye kimu, muganda we oli gwe yayogerako ngali ne Luusi, yali ayitawo. Bowaazi n'amuyita namugamba nti, "Jjangu otuuleko wano munnange." Naye n'akkiriza, n'agenda n'atuula we yali. [2] Bowaazi n'ayita n'abasajja kkumi ku bakadde b'ekibuga ne bajja ne batuula awo. [3] N'alyoka agamba muganda we nti, "Nawomi, eyakomyewo okuva mu Mowaabu, atunda ekibanja ekyali ekya muganda waffe omugenzi Erimereki. [4] Ndowoozezza nti nkutegeeze ku nsonga eyo, ekibanja ekyo okigulire mu maaso g'abakadde baffe. Bw'oba ng'oyagala okukinunula kinunule. Naye bw'oba nga toyagala, ntegeeza nkimanye. Tewali mulala alina buyinza kukinunula wabula ggwe, ate nga nze nkuddirira mu lunyiriri lwaffe." Omusajja n'addamu nti, "Nzija kukinunula."[5] Awo Bowaazi n'amugamba nti, "Olunaku lw'oligula ekibanja ekyo ku Nawomi, ne Luusi OmuMowaabu, nnamwandu naye olimutwala, erinnya lye yafa n'olikuuma n'ebintu bye n'obirabirira." [6] Amangwago, omusajja n'addamu nti, "Nze sisobola kukinunula kubanga nnyinza okwonoona obusika bwange. Noolwekyo gwe kinunule." [7] (Edda mu Isirayiri, empisa ey'okunununla n'okuwaanyisa, yali nga bw'eti: omuntu omu yaggyangamu engatto ye, n'agiwa munne. Eno ye yali ng'enkola entuufu mu Isirayiri). [8] Awo omusajja n'agamba nti, "Kyegulire." Amangwago Bowaazi n'aggyamu engatto ye.

[9] Bowaazi n'alangirira eri abakadde n'abantu bonna nti, "Olwa leero, nguze ku Nawomi ebintu byonna ebya Erimereki, n'ebya Kiriyoni n'ebya Maloni, era mmwe muli bajulirwa. [10] Era ne Luusi OmuMowaabu, nnamwandu wa Maloni, naye mututte okuba mukazi wange, okusobola okukuuma erinnya ly'omugenzi Erimereki n'ebintu bye, erinnya lye lireme okufiira awo ate n'okugibwa ne ligibwa mu bitabo bye byafaayo eby'ekibuga. Mmwe bajulirwa!" [11] Awo abakadde n'abantu bonna abaali ku wankaaki ne boogera nti, "Tuli bajulirwa. Mukama Katonda amufaananye nga Laakeeri ne Leeya, abaazimbira awamu ennyumba ya Isirayiri. Naawe Bowaazi oyale mu Efulasi, era oyatiikirire mu Besirekemu, [12] era n'ezzadde Mukama Katonda ly'anaakuwa mu mukazi oyo, libeere ng'ennyumba ya Pereezi, Tamali gwe yazaalira Yuda."

ennyi. 1-8: Ensisinkano ya Bowaazi n'owoluganda olw'okumpi ku mulyango gw'ekibuga

Mu kitundu kino, Bowaazi anywerera ku kigambo kye. Bowaazi yagenda ku mulyango gw'ekibuga, ewakolerwanga emirimu era n'ensonga z'ekiramuzi gye zawulirizibwanga abakadde b'ekibuga (soma **Ma 22:15; 2 Sam 15:2**). Ku mulyango guno buli muntu we yayitanga, Bowaazi n'ayimira awo n'alinda. Wabula teyalindira bbanga ddene. **Olunyiriri 1b** era lutulaga omukono gwa Katonda nga gukola bwe lugamba nti, *"era laba omununuzi Bowaazi gwe yayogerako, naye n'ajja."* Kino kikwatagana ne **2:4** (*"Era laba Bowaazi n'ava e Besirekemu"*). Mu bigambo ebirala, "Liba teriri busa! Ow'oluganda olw'okumpi n'alabikako." Katonda ye yali emabega w'ebintu bino.

Mu **luny. 1c**, enzivuunula (*"Kyamako wano, mukwano; tuula wano"*) teyetegereza nzannyisa ya bigambo. Mu lw'Ebulaniya, mulamu wo owokulusegere ayitibwa, *p[e]loni almoni.* Kino kyakulabirako eky'ebigambo ebibiri ebitakwatagana, era ebitalina makulu, ebitakwatagana (okugeza., hodge-podge, helter-skelter, hocus-pocus) ebigattibwa awamu okukola ekisoko. Bisinga kuvvuunulwa ng'oyogera nti, "Mwami gundi-ne-gundi" (Huey 1992: 541; Younger 2002: 474). Ensonga ya kino, eri nti newakubadde nga Bowaazi yali amanyi erinnya ly'omusajja, kyali kya buswavu obutatuukiriza buvunaanyizibwa bwa *bununuzi* (ow'oluganda-omununuzi); n'olwekyo, omuwandiisi teyayagala kwatuukiriza mannya ge. Waliwo ekifaanagana kw'ekyo mu Ndagaano Empya mu 1 **Bak 5:5; 2 Bak 2:6**, ewali omusajja eyeebaka ne muka kitaawe nga teyayogerwa linnya, naye baamuyita *"ali bw'atyo."* **Olunyiriri 2** lutugamba nti awo Bowaazi *"n'atwala abasajja kkumi ku bakadde b'ekibuga era n'abagamba nti, 'mutuule wano wansi.'"* Mu nkola y'Ekiyudaaya,

abasajja ekkumi gwe muwendo ogusingawo obutono ogwetaagisa okutuuza sinagooga; nate era "gwe muwendo ogw'essalira okugatta abantu mu bufumbo" (Smith and Cleland 1952: 847). Kino kiraga nti Bowaazi teyalinda bulinzi bakadde kujja, naye yagenda ng'abakuŋŋaanya okuweza omuwendo ogw'essalira mu kusalawo ku nsonga.

Mu **nny. 3-4**, Bowaazi atandika okwanja ensonga ye. Waliwo bingi ebiri emabega w'ebigambo bye mu **lunyi. 3**—*"Nawomi, eyakomawo okuva e Mowaabu, atunda ekitundu ku kibanj ekyali ekyamuganada waffe Erimereki"*—ebitalabikirawo. Ekisooka, kino tekiraga nti Nawomi alina obuyinza bw'okutunda bwonna, kubanga ettaka ly'ennyumba oba ekika kyali tekisoboka kulitundira ddala; okuggyako okulimpangisaako omuntu okumala ekiseera ekigere (okutuuka ku mwaka gwa jjubiri) olwo nga lisobola okukyusibwa (soma **Bal 25:14-16, 23-25**). Ekyokubiri, Elimereki yandiba nga yali yatunda obuyinza bwe obw'okukozesa ekibanja ekyo nga tanagenda Mowaabu. Nawomi yali talina busobozi ku lyeddiza, kale nno akyusa obwannanyini eri mulamu we asinga okubeera ku lusegere nga bwe kiri mu **Bal 25:25** asobole okuzzaawo ettaka ly'abennyumba eyo.[14]

Awo ow'oluganda ow'okulusegere bwe yayogera mu **luny. 4** nti agenda kununula ekibanja, yakiraga bulungi nti yali ayagala kibanja kyokka. Ayinza okuba nga yali akimanyi "mu kununula ekibanja era yalina n'okuwasa namwandu, naye ayinza okuba nga yali asuubira nti namwandu ayogerwako ye Nawomi. Era kye yali asuubira tekyali kikyamu, mu butuufu Nawomi ye yali namwandu eyali alina okufumbirwa oyo anunudde ekibanja si Luusi okufumbirwa omununuzi w'ekibanja." (Davies 1983: 233) Nye era balimukkiriza okuwasa Luusi kubanga Nawomi yali akaddiye nga takyasobola kuzaala (laba **1:11-12**). Olwo, olw'obutabaawo ava mu lulyo lwa Erimereki, ekibanja kyalifuuse ky'oyo akinunudde (Davies 1983: 234; Younger 2002: 476).[15]

Kaakati omulundi ogusooka, Bowaazia ayogera ensonga enkulu: "*Awo Bowaazi n'amugamba nti, "Olunaku lw'oligula ekibanja ekyo ku Nawomi, ne Luusi Omumowaabu, nnamwandu naye olimutwala, erinnya lye yafa n'olikuuma n'ebintu bye n'obirabirira." Amangwago, omusajja n'addamu nti, "Nze sisobola kukinunula kubanga nnyinza okwonoona obusika bwange. Noolwekyo gwe kinunule."* (**ennyi. 5-6**) Kwali kununula kibanja okwaleeta ensonga y'okuwasa Luusi mu ddiiro, olw'okuba ng'ensonga enkulu yali yakuzaalira mugenzi omwana. olw omugenzi asigaze obwanannyini ku kibanja n'okuzzaawo olunyiriri lw'ennyumba eyo. J. G. Baldwin agamba, "Elimereki yalina eddembe okubeera n'omusika; Luusi mukamwana we yali akyali mulamu, era omusajja eyali agenda okununula ekibanja yalina obuvunaanyizibwa okuzaalira omugenzi omusika [**Ma 25:5-6**]. Singa omwana yali azaaliddwa, ennimiro yandifuuse yiye, era kale *omunuzi* yandizzeeyo mu busika bwe kubanga abaana be tebasobola kusikira bye yanunula. Wabula, eky'okulabirira amaka gano kyali kimukakatako." (Baldwin 1970: 282) okugatta kw'ebyo, newakubadde nga Luusi yali mufumbo okumala emyaka kkumi nga talina baana, yali akyali muto ng'asobola okuzaala abaana. Omwana omulenzi yenna gwe yandizadde "yali tagenda kusikira oli byanunudde byokka, wabula era, n'omugabo gw'ettaka ly'abennyumba eyo." (Davies 1983: 234) Bino by'ebigambo bya mulamu we ow'okulusegere, *"Nze sisobola kukinunula kubanga nnyinza okwonoona obusika bwange. Noolwekyo gwe kinunule."* (**olunyi. 6**).[16]

Kirina okumanyibwa nti empisa *"y'ebiseera eby'edda"* ey'okugula kibanja ey'okweyambulamu engatto n'oziwa akuguza (**ennyi. 7-8**) zikiraga nti yali tekyaliwo; kale nno nga waaliwo obwetaavu bw'okunnyonnyola. Obwo bwe bukakafu obulaga nti ekitabo kyaliba nga kyawandiikibwa oluvannyuma lw'abalamuzi (ebyafaayo bino we byabeererawo). Ekyokulabirako, **Yer 32:9-12**, ekyawandiikibwa mu biseera by'obuwaŋŋanguse e Babulooni, kiraga nti Yeremiya we yawandiikira, waakolebwangawo ebwandiiko ebikwata ku buguzi bw'ettaka. Kirina okumayibwa nti empisa ey'okuwa oli akaguzizza ekibanja si yeemu n'eyokuggyamu engatto mu busungu n'okuwandula amalusu nga bwekiri mu **Ma 25:7-10** muganda w'omugenzi bwe yagaananga okuwasa namwandu okufunira omugenzi omusika. Mu mbeera ya Bowaazi ne muganda w'omugenzi owokulusegere, enkola eyo teyagobererwa. Newakubadde nga muganda w'omugenzi ow'okulusegere bwali buvunaanyizibwa bwe okununula ekibanja n'okuwasa namwandu ebinti bye yagaana okukukola, era nekyobutayogera ku linnya lye (ebimulabisa nga mubi), ebyawandiikibwa tebikiraga nti yanenyezebwa.

Jeffrey Cohen anokolayo ensonga endala obw'edda eyogerwako mu kitabo kyonna nti Luusi yali muwala Mumowaabu nga si Muyudaaya (soma **1:4, 22; 2:2, 6, 10, 21; 4:5, 10**). Ekyo kitegeeza nti, mulamu we ddala okugaana okununula ekibanja n'obutamuwasa kiyinza okuba nga kyalimu "ensonga z'amaka - kwe kugamba nti, omukyala owokubiri n'abaana be okugabana ku busika bwe kyali kyakukosa abaana be be yalina

[14] J. G. Baldwin agamba, "Kale tukimanyi nti namwandu tasobola kusikira mugenzi, naye asobola okukozesa ebintu ku lwa batabani be" (Baldwin 1970: 282).

[15] Mu butuufu, olw'okuba ng'abakzi tebaalina ddembe ku byabusika oba obwannanyini okuggyako mu mbeera ezimu (soma **Okub 27:1-11; 36:1-13**), kyali kisoboka mulamu owokulusegere okusikira ekibanja nga talina kyakoze kyonna singa Nawomi ne Luusi baali bafudde. Yali Bowaazi eyayanja ensonga mu lwatu esalirwe amagezi.

[16] Ronald Hals akinokolayo nate era nti, tualaba omukono gwa Mukama ng'agukolera mu bintu bino: "Kakube okubuusabuusa kw'emitima kwakozesebwa Katonda, nga Bowaazi bwe yakwatamu mulamu ow'okulusegere" (Hals 1969: 18).

mu kiseera ekyo – naye okusingira ddala, kwe kutya butya abaana be bwe banaalabika mu kitundu olwa kitaabwe okuwasa omukazi Omumowaabu" (Cohen 2021: 184). Cohen ayongerako nti, eri amaka gonna agayanirizanga era ne gawasa omukazi Omumowaabu, "tewaali bukakakfu nti ekikokolwa ekyo kyalabibwanga bulungi mu kitundu ky'Abayisirayiri. Kyaliba ng'omuntu eyabeeranga mu mbeera eyo yalabibwanga 'ng'eyeebase n'omulabe' bwe yandirabiddwa, era nga n'abantu abava mu Erimereki bandirabiddwa mu ngeri eyo." (Cohen 2021: 185)

Ensonga eddirayo ddala ku mutima gw'enjiri. John Piper ayogera nti ebyafaayo bya Luusi "byakolebwa mu bugenderevu okumussa mu lulyo lya Dawudi ne Masiya" (Piper 2010: 133). Ekyo kyogerwako mu **Mat 1:3-6** wetulabira Luusi nga y'omu ku bakazi abana abaali mu lulyo lwa Yesu: Tamari, Lakabu, Luusi, ne Balusebba. Mu butuufu, buli omu ku bakazi abo "yali amanyiddwa nti munnaggwanga, era nga baateekebwa mu lukalala nga baddiriŋŋana, nga bakitaabwe tebaali mu lunyiriri lwa Ibulayimu, mu bufunze nga bannaggwanga, naye nga bava mu bajjajjabwe banggwanga, kale ekyo nga kireetera Yesu okuba ng'asaanira okubeera Masiya wa bannamanga era wamu n'Abayudaaya" (Bauckham 1995: 313).

Buli omu ku bakazi bano alina obuvo bwe obusanyusa. Tamari yeefuula malaaya okusobola okulya ebisobooza ne Yuda, Yuda bwe yagaana okumuwa mutabani we owokusatu, Seera, okumuwasa mu nkola y'okusikira namwandu nga bba Eri afudde (Eri ye yali omwana wa Yuda omukulu) n'oluvannyuma Onaani naafa, omwana wa Yuda owokubiri (**Lub 38:1-30**). Tamari yazaala Pereezi oluvannyuma lw'okwebaka ne ssezaala we. Yuda naye yali yawasa omukazi Omukanani (**Lub 38:2**). Newakubadde ng'obuvo bwa Tamari tebumanyiddwa, naye bangi bakkiriza nti yali Mukanani (soma Bauckham 1995: 314-20; Kadari 1999: "Obufumbo bwa Tamari"; Warner 2022: n.p.). Lakabu yali malaaya Omukanani ow'e Yeriko (**Yoswa 2:1-2**). **Mat 1:4-5** agamba nti ye yali nnyina wa Bowaazi okuyita mu Salumoni (oyo ali mu lunyiriri olwogerwako mu **Luusi 4:20**); n'olwekyo, ne Bowaazi kennyini yalimu omusaayi omukananai.[17] Newakubaddea nga Lakabu yali Mukanani, era ng'ava Yeriko, ekyabeeranga mu nsi Katonda gye yasuubiza Isirayiri. Luusi teyali munaggwanga kyokka olw'okubeera Omumowaabu, naye yali ava *bweru* w'ensi eyasuubizibwa (**Ma 2:9**). Balusebba yali yafumbirwa Mukiiti (**2 Sam 11:3**). Obuvo bwe tebumanyiddwa. Bangi balowooza nti yali Muyudaaya (soma okukubaganya ebirowoozot "Yali Balusebba" 2021: n.p.) wabulaolw'okuba yali yafumbirwa Mukiiti, yali kennyini ayinza okuba nga yali Mukiiti. Bayibuli etubuulira nti Balusebba yali muwala wa Eliyamu, nga kitaawe ye yali *"Akisofeeri Omugironiiti"* (**2 Sam 11:3; 23:34**). Edwin Hitti agamba nti, "Abagironiiti erinnya baaliggya ku kibuga kyabwe ekiyitiba Giiro ekisangibwa mu nsozi za Yuda okuliraana Kebuloni (Yoswa 15), era nga be bamu ku mawanga ga Bakanani abataagobebwa kuva mu ttaka eryagabanibwa Yuda. Abamu kubakawonawo baabeeranga wamu n'abantu ab'ekika kya Yuda era ne bawasaŋŋana nabo." (Hitti 2019: n.p.) Nga bwe tukiraba, nti Balusebba yakola obwenzi ne Dawudi (**2 Sam 11:1-5**; kale olw'okuba nga Dawudi yali kabaka, ayinza okuba ng'ekyokusalawo Balusebba yalina kitono, era okulya ebisooboza bye kumpi kwali nga kumukwata).

Bino byonna byali mu nteekateeka ya Katonda. "Katonda kye yakola mu kulabira kwe ewala, yali ng'omuntu atega dayinamayiti eyali egenda okusessebbula ebigo by'obusosoze mu mawanga ne langi. . . . Ebyafaayo bya Luusi bitulaga nti Omumowaabu ono [nga bwe twakirabye, yalinamu omusaayi gw'Abakanani] era nga guli muisuwa gy'omwana wa Katonda. Omusaayi ogwo gwayiika ku lw'obulokozi bw'Abamowaabu—era n'eri abantu ab'engeri endala zonna." (Piper 2010: 134) Nga Kayaafa kabona asinga obukulu bwe yalagula ku Yesu, nti *"yali anaatera okufiirira eggwanga, ate si ggwanga lyokka naye n'okukuŋŋaanya abaana ba Katonda abaasaasaana"* (**Yok 11:51-52**). Ekyo kyatuukirizibwa. **Kub 5:9** wagamba nti *"olw'omusaayi gwo wagulira Katonda abantu okuva mu buli ggwanga na buli lulimi ne buli nsi na buli bantu."* Nga Pawulo bw'ayogera mu **Bar 9:25-26**, "Abo bataali bantu bange, nja kubayita 'bantubange,' era oyo eyali yakyayibwa, nja kumuyita 'mwagalwa.' Era mu kifo ekyo we mwayitirwa, 'Abatali bange,' awo we muliyitirwa 'abaana ba Katonda omulamu.'" (ajuliza **Kos 2:23**; soma ne **1 Peet 2:10**) N'olwekyo, *"Tewakyali Muyudaaya oba Muyonaani, muddu oba wa ddembe, musajja oba mukazi, kubanga bonna bali kimu mu Kristo"* (**Bag 3:28**).

---

[17] Era nga bwe tulaba mu **nnyi. 18-22**, bulijjo mu Byibuli, endyo "zirandibwa" (ekitegeeza. amannya agamu gaabuukibwa) olwe "kigendererwa oba okuwabulwa" (Younger 2002: 403). N'olwekyo, nga tussaamu ekitiibwa olulyo mu **Luusi 4:18-22** ne **Mat 1:3-6**, D. A. Carson ayogera nti, "Kyenkana emyaka giri nga bina (Olube 15:13; Okuva 12:40) gye giri mu mirembe ena okuva ku Pereezi okutuuka ku Aminadaabu. Amannya mangi tekyegaanika nti gaabuukibwa: ekigambo kyoluyonaani 'was the father ofye yali kitaawe wa' (*gennaō*) tekitegeeza bulijjo kitaawe naye kitera okutegeeza nti 'ye yali jjajja we oba 'yeyali ow'olunyiriri lwe.'

Okukwasaganya, olunyiriri wakati wa Aminadaabu ne Dawudi lumpi: amannya mangi gayinza okuba nga gaabuukibwa. Oba nga ddala gaali gasaanira okusooka Bowaazi, nga Lakabu si ye yali maama wa Bowaazi asookerwako (nga ne Eva bw'ataali 'maama w'abalamu bonna,' asookerwako Olube 3:20), oba oluvannyuma lwa Bowaazi, oba bombi, tewali akikakasa." (Carson 1984: 65; laba ne Jones 2012: n.p.) okumanya ebisingawo ku nyinnyonnyola eyesigamye ku ntaputa egamba nti Lakabu yafumbirwa Salmon, soma Bauckham 1995: 320-25.

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.
Bak 3:11 era naye agamba, *"wano tewali Muyudaaya oba Muyonaani, eyakomolebwa natakomolebwa, munaggwanga, omukuusi, omuddu, oweddembe; naye kristo ye byonna mu byonna."* Amawanga, langi, n'obusososze n'eyo gye tusibuka tebikwataganira ddala na njiri.

Kino kikulu eri Omukristaayo nga kinnoomu era n'ekkanisa okutwalira awamu. Mu Bikolwa 10 Peetero yali yalagibwa nti Katonda tasosola mu baYudaaya ne Bannaggwanga. Ye kennyini yakijulira ne mu Bikolwa **11** eri AbaYudaaya abaali bmuwakanya ku ky'okulya ne Bannamawnga abatali bakomole. Wabula mu, **Bag 2:12-13** watugamba nti *"Kubanga abaava eri Yakobo bwe baali tebannajja, yalyanga n'Abamawanga, naye bwe bajja n'atandika okubeeyawulako ng'atya abakomole. 13 AbaYudaaya abalala bonna ne bamwegattako mu bukuusa, ekyo ne kireetera ne Balunabba okusendebwasendebwa obukuusa bwabwe."* Enneeyisa ya Peetero ey'okungulu yali tekwatagana n'ekyo kyakkiririzaamu munda. Yali yeegaana enjiri gye yali abuulidde olw'enneeyisa ye. N'olwekyo, Pawulo *"yamuwakanya nnyo kubanga gwali gumusinga"* (**Bag 2:11**), kyali kituufu okumuyita "munnanfuusi" (**Bag l 2:13**), era n'akinokolayo nti *"enneeyisa yaabwe yali tekwatagana n'amazima ag'enjiri"* (**Bag 2:14**) Olw'okuba ng'ensonga eno teyali nsonga ya kyama wakati wa Peetero ne bannamawanga abamu, naye nga yali ekosa ekkanisa yonna and nga n'ekikula ky'enjiri kiri ku mwanjo, Pawulo teyagenda wa Peetero mu kyama (nga **Mat 18:15-16**) naye mu butuufu yamwaŋŋangira mu *lujjudde* (soma ne **Bef 5:11; 1 Tim 5:20**).

Okunenya kwa Pawulo kwatuukira ddala ku nsonga, kwe kugamba, nti Peetero yali *"tatambulira mu mazima ga njiri"* (**Abagg 2:14**). Peetero yali yeegaana enjiri ng'alemesa bannamawanga okwenyigira mu bujjuvvu mu mirimu gyonna egy'ekkanisa mu kyenkanyi. Era yali tayagala banamawanga okuyingira *mu bulamu bwe obwomunda* (kwe kugamba., ng'asalawo gw'alya naye) olw'okubaa nti baali si baYudaaya. Ekigendererwa, newakubadde nga yali amanyi ekituufu, Peetero enjiri yali agifudde ya "Bayudaaya bokka." Kino kyali kikontanira ddala n'omugendo gwonna ogw'ebyafaayo by'obulokozi era nga kikyusa Endagaano Empya, ne kiggyawo ekyo Yesu kye yakola ku musaalaba, era nekizzaawo Endagaano Enkadde. Rich Lusk agamba, "Olw'okuba ng'amateeka g'Endagaano Enkadde ag'emikolo gaali ga buwaŋŋanguse era nga gasosola mu kifo ky'okusembeza, amateeka agokusuubiza so si kutuukiriza, eri banamawanga abalokose okugakwata kwalibadde kudda mabega, ng'era n'Abayudaaya abalokose okugasigalamu bwe kwalibadde okusigala mu mulembe omukadde. . . . Enjawulo ey'amaanyi [wakati wa Pawulo n'abayigiriza Ebyekiyudaaya] yali nti Pawulo yali ategedde enkomerero y'omuntu ng'eri mu Kristo era ng'ekontana n'abayigiriza Ebyekiyudaaya ebyokugoberera ebiri mu bitabo ebitaano [Tora]. Pawulo asobola okwogera, naye Abayudaaya abamuwakanya tebasobola kukyogera nti, enkomerero y'omukkiriza ey'ekisuubizo yali etuukiridde mu byafaayo, ng'eggulawo emiryango gy'omukisa, si mw'abo bokka abasibuka mu Ibulayimu bokka, naye n'eri abo bonna abava mu Adamu. Ekizibu ekikulu ekyali mu Baggalatiya gwe mutima gw'Ekiyudaaya, oba obusososze, nga kyesigamye ku butategeera ebiro by'obununuzi bwa Katonda. Isirayiri yesiba ku Tora, eyali erina okukoma ku Kristo (cf. Rom. 10:4), bo nebagifuula enkomerero yo yennyini, era bwe batyo ne bagifuula ekifaananyi (Abagg. 4:8-9; cf. Abar. 2:22)." (Lusk 2003: n.p.)

Kino era kibaawo ekiseera kyonna omuntu yenna bwammibwa obwammeba mu kkanisa, ekifo eky'obukulembeze, okukuŋŋaana, obwa obwenkanya obujjuvu olw'eggwanga lye, ensibuko ye, ennyingiza ye oba olw'ensonga eziringa ezo. Kino kyali kizibu kinene si mu Baggalatiya bokka naye era ne mukkanisa eyasooka mu Yerusalemu (soma **Bik 6:1; Yak 2:1-13**). Kino kikyali kizibu kinene mu kkanisa okwetoloola ensi yonna ne leero. Kino kirabikira ne butatabagana ebiwayi ebimu bwe birina n'ebiwayi ebirala. Kituufu, ffena tulowooza nti enjigiriza yaffe y'esinga era abatakkaanya naffe be bakyamu. Ne bwe tuba ng'enjigiriza yaffe y'entuufu, wabula, tuyinza okuba abatuufu nga Peetero bwe yali: enzikiriza ye ey'omunda ey'Abayudaaya okuba ekimu ne Banamawanga mu Kristo yali ntuufu, naye olw'okuba amazima ge yali alina munda teyagoolesa, okugassa mu bikolwa okukakasa nti Banaggwanga bayisa kye kimu n'Abayudaaya, Peetero yali munnanfuusi *"nga tatambulira mu mazima ag'enjiri."* Yali addidde obuwagwa bwe n'obulombolombo bw'Ekiyudaaya ng'abufudde *bifaananyi*. Kino kikulu nno. Enjiri ge *mazima*, era amazima gasalawo engeri gye tweyisamu ne bwe tukkiriza. Singa ekkanisa (n'abantu kinnoomu) tebasalawo kwetulumu ne bakyusa enkola yaabwe okugitambuliza kun kola y'enjiri, ku lunaku Katonda kw'alisalira emisango tuyinza okubeera abakkiriza oba ekkanisa abataali beesigwa n'akamu naye nga tuli bannanfuusi era abasinza ebifaananyi. Okuwuumbawuumba "Luusi Omumowaabu" okuba mu lunyiriri oluvaamu Dawudi okutuuka ku Yesu kyakolebwa Katonda mu nteekateeka ze ng'akabonero ak'ekyo ekiri mu njiri era n'okuyita mu njiri.

ennyi. 9-12: Bowaazi afuna olukusa okununula ekibanja n'okuwasa Luusi

Bowaazi yali amanyi bulungi enkola y'amateeka ga Yisirayiri, ng'amanyi ebyetaagisa okuwasa mukamuganda wo eyafa, obuvunaanyizibwa *bw'omununuzi,* n'ebikwatagana ku kweddiza ekibanja, okuzzaawo ekika, n'okuwasa namwandu, era byonna n'abikola n'obumanyi (soma era, ekyokulabirako, **Mat 10:16; Lukka 16:8-9; Bik 22:25**). Okusaba okununula ekibanja kwamutwalako ensimbi eziwerako (okusinziira ku myaka

Kyawandiikibwa © 2022 Jonathan Menn. Olukusa lwonna luli mu buyinza bwaffe.
egyali gibulayo okutuuka ku Jubili), era n'okuwasa Luusi kuyinza okuba nga kwamuviiramu okunyoomebwa era n'abantu okubesamba olw'obufubo obulimu Omumowaabu. Wabula, Bowaazi tekyaumalaako mirembe eky'okununula ekibanja n'okuwasa Luusi. Mu butuufu yali ayagala Luusi. Kale n'olwekyo yayogera mu bwetowaaze eri abakadde abaali bakuŋŋaanye nti, *"Olwa leero, nguze ku Nawomi ebintu byonna ebya Erimereki, n'ebya Kiriyoni n'ebya Maloni, era mmwe muli bajulirwa. 10 Era ne Luusi OmuMowaabu, nnamwandu wa Maloni, naye mututte okuba mukazi wange, okusobola okukuuma erinnya ly'omugenzi Erimereki n'ebintu bye, erinnya lye lireme okufiira awo ate n'okugibwa ne ligibwa mu bitabo bye byafaayo eby'ekibuga. Mmwe bajulirwa!"* (**4:9-10**) Ebigamba bye byeyaddamu emirundi ebiri, *"Mmwe bajulirwa bange olwoleero,"* era n'enjogera ye egamba nti *"Luusi Omumowaabu,"* by'ebigambo by'omusajja "ng'asindika obubaka obutegeerekeka era obw'obuvumu eri abakulembeze era n'abatuuze b'omu kitundu ababulijjo nti takkiriza kuwasa buwasa Luusi okufuuka mukyala we, oba okukkiriza okununula obunuzi ebintu bya Erimereki olwo Luusi n'abiganyulwamu, naye ekyali ekikulu, yali abasuubira okulaba Omumowaabu ono omukyufu ng'alina eddembe lyonna mu bujjuvu ng'omukazi Omuyudaaya enzaalwa ly'alina." (Cohen 2021: 185-86)

Okumalirira kwe n'etutumu lye lyamuwa bye yali ayagala. Abantu bonna abaali ku miryango ne bamuddamu nti, *"Tuli bajulirwa"* (**olunyi. 11**). Wabula, awo basingawo nnyo ne bawa Luusi ne Bowaazi omukisa, okusingira ddala nga basabira Luusi ne Bowaazi omukisa mu bufumbo n'okugerageranya Luusi ku Lakeeri ne Leeya era n'okusaba Bowaazi ne Luusi okuzaala abaana abangi (**ennyi. 11-12**). N'olwekyo, ekyo ekyasiinyizibwako mu **2:11** kyali kituukiridde. Mu butuufu, Luusi yali takyayitibwa "Luusi Omumowaabu." Mu kifo kyerinnya eryo, abantu baali bamwogerako nti *"n'abaana <u>Mukama</u> balibawa okuva mu <u>mukazi ono omuto.</u>"* (**olunyi. 12**). Ebigambo eby'omukisa mu **nnyi. 11-12** biyinza okuba nga bye byakozesebwanga mu buwangwa ne bifuuka eŋŋombo eri abafumbiriganwa (soma Bernstein 1991: 23-24). Wabula, bitubikkulira amakulu amakusike mu nsonga eno. Ebijulizibwa nti *"ezzadde Mukama Katonda ly'anaakuwa"* bitusiinyizaako nti, olw'okuba nga Luusi yali amaze emyaka kkumi nga tazaala, nti omukono gwa Katonda gwali gwetaagisa bano bwe baba nga baali baakufuna mwana. Abantu okujuliza Tamari nakyo kirina amakulu "ekisooka, kijuliza obufumbo obw'okuwasa namwandu, naye, newakubadde nga Tamari yali yagaana, Bowaazi yasalawo okutwala obuvunaanyizibwa. Ekyokubiri, ab'ekyalo baali balina kye bafunamu. Pereezi, eyazaalibwa Tamari olw'okwefuulafuula, yali jjajja wa Bowaazi (olunyi. 18), era nga tekyegaanika nti yali jjajja w'abalala bangi mu kitundu ky'e Besirekemu, kubanga olulyo lwogera ku baana ba Yuda basatu bokka, nga mw'oyo ekika kyonna mwe kyava." (Baldwin 1970: 282; soma ne Bernstein 1991: 23 ["Tamari, nga nnyina wa Pereezi, era nga jjajja w'ekika omukazi ate nga jjajja w'eggwanga omukazi"])

<u>EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO</u>

1. Weetegereze enkwatagana y'amateeka n'empisa z'ekitundu: mulamu wa namwandu ow'okulusegere kyali tekimukakatako kununula kibanja n'okuwasa Luusi, newakubadde mu mpisa nga kyali kisaanira; Bowaazi yali akimanyi era n'agoberera enkola y'amateeka mu maaso g'omuwendo gw'abakadde ab'essalira okugonjoola ensonga eyo (era n'enkola y'okuggyamu engatto wakati mu buguzi yagobererwa). Magezi ki ge tuyigira mu bino ebyaliwo bwe tuba nga tukolagana n'abantu abalala mu mbeera ez'enjawulo ze tuyinza okusisinkana?

2. Mulamu we owokulusegere yagamba mu **olunyi. 4** nti ekibanja ajja kukinununula. Ebiseera ebimu Abakristaayo bwe basisinkana emiziziko, bamaliriza bagamba nti "okwo tekwabadde kwagala kwa Katonda" okweyongerayo ne kye babadde baagala okukola. Naye Bowaazi ekyo si kye yakola. Yayanukula atya enteekataeeka ze bwe zalabika ng'ezirinyiddwaamu eggere?

- Bigi bye tusobola okuyigira mu mbeera eno enteekateeka zaffe bwe zirabika ng'ezirinyiddwaamu eggere?

3. Newakubadde nga muganda w'omugenzi owokulusegere yalina eddembe mu mateeka okununula ekibanja n'okuwasa Luusi, naye yalabika nga takyagala. Biki bye tuyiga okuva mu nsonga eno nga tukolagana n'abalala mu mbeera ez'enjawulo?

4. Makulu ki agali mu kussa "Luusi Omumowaabu" mu lulyo lwa Dawudi, era olwavaamu Yesu?

- Obusosoze mu mawanga, mu langi, ne mu nnimi bukwatagana butya n'enjiri?

- Bizibu ki ekkanisa ey'olwareero byesisinkana nga biva mu busosoze bw'amawanga, langi, n'ennimi?

- Tusobola kukola ki okumalawo ebizibu ebyo (wa eby'okulabirako by'omanyi)?

G. ***Enfundikira: Bowaazi ne Luusi bafumbiriiganwa, bazaala omwana, era n'amaka ga Nawomi gazzibwawo*** (**4:13-17**)

[13] Awo Bowaazi n'awasa Luusi okuba mukazi we, n'ayingira gy'ali, n'aba olubuto, Mukama Katonda n'amusobozesa okuzaala omwana owoobulenzi. [14] Abakyala ne bagamba Nawomi nti, "Mukama Katonda yeebazibwe, oyo atakulese nga tolina mununuzi olunaku lwa leero. Era erinnya ly'omwana lyatiikirire mu Isirayiri yonna! [15] Kubanga muka mwana wo akwagala, alizza obuggya obulamu bwo n'akuwanirira mu bukadde bwo; era akusingira abaana omusanvu, be yandizadde." [16] Awo Nawomi n'atwala omwana, n'amuwambaatira mu kifuba kye, n'amulabirira. [17] Abakyala ab'oku muliraano ne bagamba nti, "Ewa Nawomi ezaaliddwayo omwana." Ne bamutuuma erinnya Obedi, oyo ye kitaawe wa Yese, era jjajja wa Dawudi.

ennyi. 13-17 Bowaazi ne Luusi bafumbiriganwa, bazaala omwana, amaka ga Nawomi gazzibwawo

Ekitundu ky'ekitabo kino kituuusa ku ntikko ey'okusalira amagezi ekizibu ekinene ekyabaawo mu **1:3-5**, nga kwe kufa kwa Erimereki, Maoni, ne Kiriyoni ebyaviiramu Nawomi okusigalirawo. Ekitundu era kitulaga engeri Nawomi ne Luusi gye baayingiramu e Besirekemu era na butya bwe baakwatagana n'abakazi mu **1:19b-22**. Omuwandiisi, era ayolesa obukugu mu mpandiika y'olulimi ng'ayunga emboozi ku zinnaazo, naye nga ziddiriŋŋana. Ekitundu kino kibugirizibwa n'ebigambo ebikwatagana kukuzaala omwana ow'obulenzi: *"era n'azaala omwana ow'obulenzi"* (**olunyi. 13b**) era *"omwana ow'obulenzi n'azaalibwa"* (**olunyi. 17a**). Ekitundu kino kiyinza okukubibwamu ebifaananyi bya mirundi ebiri nga wano wammanga

Ekitundu 1 (**4:13-15**)
A. Okuttottola (**4:13**)
B. Okwogera kw'abakazi (**4:14-15**)
Ekitundu 2 (**4:16-17**)
A. Okuttottola (**4:16**)
B. Ekikolwa ky'abakazi (**4:17**)

Mu **luny. 13**, Mukama addamu nate okulabikira mu kitabo, *"era Mukama n'amuwa olubuto"* (okulabika kwe okusooka kwali mu **1:6**, *"Mukama yali yakyalira abantu be n'abawa emmere"*). Omuntu omu ayinza okugamba nti waliwo emirundi ebiri Katonda gy'eyeragira mu bikolwa—ogusooka guli mu ntandikwa y'ekitabo ate omulala mu nfudikira y'ekitabo—nga mu bino, mwe muva ebikola emboozi yonna. Wabula, nga bwe tuzze tulaba mu lugendo luno mu bitundu eby'enjawulo, Katonda abaddewo lubeerera ng'akola okuyita mu bikolwa by'abantu. Mu butuufu, kubanga era ne "mu kweraga" kwa Mukama mu **1:6** ne **4:13** tekwali kwa mubbanga naye yakozesa "enkola ezabulijjo," so si ezo ezitali za bulijjo. Ekitabo kitulaga okusoomozebwa kwa Luusi okubulwa omwana okumala emyaka kkumi ng'afumbiddwa Maloni mu Mowaabu ate n'ekitulaga n'engeri gye yafuna olubuto amangu ng'afumbiddwa Bowaazi. Robert Hubbard akinokolayo nti waliwo bingi ebiri emabega w'ebyafaayo bino okusinga ku kya Luusi okufuna olubuto: "Tekyegaanika, obuyambi bwa Yakuwa bwe bwasobozesa Luusi okufuna olubuto. Naye tewalibaddewo kuzaala kwonna singa abantu teebakola bikolwa—singa abagole tebaagatta kisenge (4:13), Bowaazi teyagenda ku kitawuluzi (4:1-12), tewaaliwo nsisinkano ya Bowaazi ne Luusi (essuula. 2 ne 3), n'okusenguka kwa Luusi okwegatta ku Yuda (essuula. 1)." (Hubbard 1991: 18) Nga bwe tulabye, ebintu bino byonna byalimu Katonda emabega waabyo, newakubadde nga tewali ky'amagero kirabikako, nga n'eddoboozi lya Katonda teriwulirwa era nga tewali muntu wa njawulo yatumibwa, gamba, nga nabbi, kabona, oba omulamuzi eyajja. Mu bufunze, ekitabo kya *Luusi* kitugamba nti "Yakuwa taluŋŋamya nsonga zabantu ng'akozesa eby'amagero ebigwa tebiraze oluvannyuma lw'abantu okweyawulako. Wabula, omulimu gwe gubaayo eyo emabega w'ebikolebwa abantu, naye nga yabeera mu nsonga ddala, era nga y'aleeta byonna okubaawo. N'olwekyo, ye y'ensibuko y'ebitono ebyo ebibawo mu 'butanwa' mu nsonga z'obulamu bwaffe. Okutwaliza awamu, omusingi gw'enjigiriza omukulu ekitabo kya Luusi kwe kitudde kwe kukkiririza mu kuteesa kwa Katonda okukusike okw'luberera." (Hubbard 1988a: 70; laba ne Hals 1969: 15-19 [Mu *Luusi,* Katonda "y'asigala ng'ali mu buli kitundu, naye mu nkiso. . . wano akolerera mu byetaago ne mu kusuubira kw'abantu ababulijjo"])

Okuzaalibwa kwa Obedi mu **nnyi. 13-17** kwe kutuukiria kw'essaala ya Bowaazi n'okusaba kwe mu **2:12**, era gwe mukisa gw'abakadde n'abantu mu **4:11-12**, era kwe kukoma kw'ennaku n'enyiike ya Nawomi mu (**1:20-21**), era nga ly'ekkubo ly'okuzaaliibwa kwa Dawudi okwatutuusa ku kuzaalibwakwa Masiya (**4:17-22**). Okuzaalibwa kwa Obedi y'entikko y'emboozi etulaga Katonda afuga byonna era eyenyigira mu nsonga ezibeera mu maka era n'akola ne kubuzibu ab'ennyumba bwe basisinkana. Ebyafaayo bya Nawomi, Luusi, ne Bowaazi bitulaga ebintu ebitubaako mu bulamu ng'abantu era ng'amaka nga biyinza okuba ne kyebitegeeza, nga

kyakiseera kiwanvu, era n'amakulu ag'ebyomwoyo, nga kisukkira ddala ku bye tulowooza oba bye tuyinza okuteebereza.

Kikulu Abakristaayo obutafundikira kino mu ngeri ekyamu ku kuzaalibwa kwa Obedi. Ne bafundikira nga bagamba nti, "Bwe tubeera mu bulamu *obw'okusaasira* era n'obwesigwa, olwo Katonda agenda kubeera mwesigwa okwanukula essaala zaffe era atuwe abaana, oba atuyambe mu byenfuna (oba atukolere ekintu ekirala kyonna kye tusabira)" kino tekiriiko bukakafu. Ekinnyonnyolwa mu **lunyi. 13** kwali kunyonnyola ebyaliwo, so si nkola. Mu butuufu, ky'amazima nti tulina kubeera mu bulamu *obwokusaasira* n'obwesigwa, era Katonda akisanyukira. Wabula, Katonda yali tasuubizza buli Mukristaayo amwagala era omwesigwa okumuwa abaana oba obugagga, obulamu obulungi, oba emikisa gyonna emirala. Katonda, mu butuufu, y'alina obuyinza ku nsi yonna, ne byonna ebigirimu, na byonna ebibaawo. Buli kintu kiri mu nteekateeka ze. Ayimusa abamu ate n'akakkanya abalala—omuli n'okugaggawaza n'okwavuwaza abamu (**1 Sam 2:7; 1 Ebyom 29:12-16; Yak 42:10; Ps 75:6-7; Omub 5:19; Dan 2:20-21; 1 Tim 6:17**). Katonda yatta era y'awa obulamu; yaggala embuto era y'azisumulula (**Lub 20:17-18; Luusi 4:13; 1 Sam 2:6; Ezek 24:16-18; Bik 2:23; 4:27-28**). Newakubadde nga waliwo akakwate ku butya omuntu bwabaawo era na butya bwakulaakulana, tetuteekwa kuteebereza ku mikisa gya Katonda egyokunsi. Mu Ndagaano Enkadde n'Empya zombi zitulaga nti Katonda okukuuma abaavu n'okuyamba ababonaabona *nti tekubaawo* "mbagirawo" *oba nti era kyetaagisa mu bulamu buno* (soma **Zab 9:17-20; Kub 6:9-11**). Obukadde n'obukadde bw'Abakristaayo (omuli n'abalala abayitirivu ddala) babeera mu bulamu bw'ekyavu, babonaabona, bayigganyizibwa, era ne bafa olw'enzikiriza yaabwe okuyita mu mirembe gyonna. Kino kikwatagana n'ekyo Yesu n'abatume kye batusuubiza okusisinkana (soma, ekyokulabirako, **Mat 5:10-12; Lukka 14:27; Yok 16:33; Bar 5:3; Baf 3:10; 2 Tim 3:12; 1 Peet 2:19-21; 4:12-13**). Abakkiriza bano tebaawangaalira mu bulamu obweyagaza oba obw'okuba n'ebintu ebingi. Obwavu bwabwe, okubonaabona, era n'okuyigganyizibwa si lwa kuba nga baayonoona oba nga tebalina kukkiriza naye *kubanga* baali batuukirivu era ne batambulira mu bulamu obw'okukkiriza. Gordon Fee atujjukiza nti, "Newakubadde nga Katonda yasuubiza okuyimusa abantu be [okusitulibwa kwaffe n'esannyu lyaffe lya lubeerera; soma, eky'okulabirako, **Kub 21:4**], yasuubiza olw'olumu okubaako baayimusa. Eky'okulabirako, mu Abaebulaniya 11:32-39 abamu olw'okukkiriza baafuna obuwanguzi obw'ekitalo; naye abalala *olw'okukkiriza baabulwanga n'ekyokulya.* Naye *bonna* baasiimimibwa olw'okukkiriza kwabwe. Era ebigambo bino byayogerwa okuzzaamu abakkiriza abaali 'bakkirizza mu ssannyu okuggyibwako ebintu byabwe' (10:34, N.I.V.), naye nga baali banaatera okuggwaamu amaanyi. Okuyimusibwa okwamangu, wabula kwo tekwabasuubizibwa (10:35, 36)." (Fee 1984: 41)

Ekitundu kino ekifundikira kikukomezaawo emboozi yonna nga bwe yatandika. Essira liri ku Nawomi n'omwana: "Emboozi etandika nga Nawomi ali mu kufiirwa. N'emaliririza nga Nawomi ali mu kuganyulwa. Emboozi etandika na kufa ate n'efundikira n'okuzaalibwa." (Piper 2010: 105) Nga bwe kiri mu **nnyi. 14-15** abakazi tebalaba bukulu bwa mwana nti mu butuufu ye musika wa Erimereki era nga y'agenda okusikira ebintu bye naye bo bamulaba "ng'agenda okuzzaawo obulamu bwa Nawomi n'okumuyamba mu myaka gye egy'ekikadde. Abakazi tebayimba nga bamusanyukira nga, 'Omwana azaaliddwa Erimereki,'[18] wabula nga, 'Ng'omwana azaaliddwa Nawomi.' Ku buli mutendera, ekinyusi ekiri mu kitundu kino kwe kukyuka kw'obulamu bwa Nawomi okuva mu kufa n'obutaba na kantu okudda mu bulamu obujjuvu." (Bush 1996: 7)

Ebintu ebiwerako era nga bikulu birabikira mu nnyiriri zino. Erinnya Obed litegeeza "kuweereza" (Harrison 1989: 187). Newakubadde nga "omununuzi" (*go'el*) ayogerwako mu **luny. 14** ayinza okutwalibwa nga Bowaazi, "Omusajja" ayogerwako ku ntandikwa y'**oluny. 15** watulaga nti abakazi baali boogera ku Obedi. Newakubadde nga yali muwere, Obedi ye mununuzi mu ngeri bbiri: esooka, okuzaalibwa kwe kwazzaawo obulamu n'obujjuvu mu maka ga Nawomi, era n'ekyokubiri, yali agenda *"kumulabirira mu nnaku ze ez'obukadde"* (**olunyi. 15**). Okwawukana, ku makulu g'erinnya lya Obedi era n'ekyokuba nti yali agenda kulabirira Nawomi, mu **luny. 16** tulaba Nawomi ng'atwala Obedi n'atandika okuba omulezi we.[19] **Olunyiriri 17** lukozesa olulimi olulangirira okuzaalibwa mu ngeri y'okujaganya, naye nga lukyolekeza Nawomi, wabula nga mu buwangwa ekirango kino kyaweebwanga taata w'omwana azaaliddwa atabeerangayo mu ssanya (Hubbard 1988b: 296). Kigambibwa nti era abakazi be baatuuma omwana Obedi, newakubadde nga mu buwangwa obwo abaana baatuumibwanga amannya bakitaabwe (Phiri 2006: 324).[20] Mu bufunze, mu mboozi esembayo mu kitabo, abakazi batuusa ensonga ku ntikko era n'okusangabiza nga boogera nti "Nawomi ataalina mwana afunye omwana! Kino kikyusa ebyafaayo bya Nawomi eby'obukaawu obw'obutaba na mwana bye yasisinkana ng'ali e Besirekemu. Ng'abakazi bwe baatandika okunakuwaza Nawoni nga bamubuuza (i 19b), era bwe kityo

[18] Newakubadde, nga Obedi yazaalibwa Bowaazi ne Luusi "omwana teyayitibwa wa Erimereki, nga bwekyalibadde mu bufumbo bw'okuwasa namwandu" (Phiri 2006: 324).

[19] Ekigambo omulezi kitegeeza mukuza, obutafaanagana na musawo (Huey 1992: 546).

[20] Frederic Bush agamba ntu kino ky'ekyokulabirako ekyo "lukusa olw'ekikocco" mu kino abakazi ab'omuliraano tebatuuma mwana linnya butereevu naye "baamutuuma" nga bayimbira waggulu nti, 'Omwana azaaliddwa eri Nawomi'" (Bush 1996: 12).

n'okusagambiza kwabwe bwe kutyo bwe kwakomya ennaku. Omukazi eyayayaanira ennyo okufuna omwana kaakano afunye omwana. Enjogera ku Nawomi obutaba na musika kaakano yali ekomye. Kaakati oyo eyali asekererewa olw'okweyitaMara ('Nakakaawa'), erinnya lye erya Nawomi ('Musanyusa') lyali lizzeemu okufuna amakulu gaalyo amatuufu (cf. i 20-1). Okutwalira awamu, wano omuwandiisi amawulire g'okuzaalibwa kw'omwana yagafuula entikko eggalawo ekitundu ekifundikira." (Hubbard 1988b: 299)

Tukirabye nti Katonda bulijjo abadde mu ngeri eyakawefube, wabula nga nneekusifu. Kino kikakasibwa kubanga buli ssaala eyasabibwa mu kitabo kino yaddibwamu: **1:8-9** (essaala ya Nawomi eri mukamwana we okuweebwa omukisa n'okuwummula mu nju ya bba); **2:12** (essaala ya Bowaazi ng'asabira Luusi omukisa); **2:19-20** (Nawomi ng'asabira Bowaazi okuweebwa omukisa); **3:10** (essaala ya Bowaazi eri Luusi okuweebwa omukisa); **4:11-12** (essaala y'abantu eri Bowaazi ne Luusi okuweebwa ezadde); ne **4:14-15** (essaala y'abakazi nga basaba Mukama awe Nawomi omukisa n'okumuddiza obulamu obulungi n'okubusigaza). Olw'okuba nga Katonda yekka yayanukula essaala, okuddibwamu kuno kutulaga okubeerawo kwe n'okukola kwe okuyita mu byafaayo bino. Kyokka ng'engeri gye yayanukulamu essaala zino yayitanga mu kusalawo kw'abantu n'ebikolwa byabwe.

Okutenderezebwa okwaweebwa Luusi ku nkomerero y'**olunyi. 15** (*"oyo okwagala, oyo akusingira abaana omusanvu"*) nakyo kyali kikulu era nga kyasonga. Mu kitundu ng'abasajja bebasinga okufuga ebisinga abatabani omusanvu gwali muwendo ogumala (Soma **1 Sam 2:5; Yobu 1:2; 42:13**); kyokka Luusi omukazi Omumowaabu, yali asinga abaana abo. Bwe tweyongerayor, nga Daniel Block bw'ayogera, "Okusinga omuntu yenna mu byafaayo bya Isirayiri, Luusi yakyikirira endowooza enkulu ey'enneeyisa y'ensi: 'Onooyagalanga Katonda wo n'omutima gwo gwonna' (Maa 6:5) 'ne muliraanwa wo nga bwe weyagala' (Abale 19:18). Mu Abale 19:34 Musa yalagira Abayisirayiri okwagala abatali bannansi nga bo bwe beeyagala. Ekyewuunyisa, yali munaggwanga ono eyalaga Abayisirayiri kino kye kitegeeza." (Block 1999: 729)

Emboozi esembayo mu **luny. 17**, olugamba nti Obedi *"yali kitaawe wa Yesse, kitaawe wa Dawudi,"* bombi batuzzaayo ku ntandikwa y'ekitabo era ne batuyunga ku luluyo mu **nnyi. 18-22**. **Luusi 1:2** yakoonako ku nfundikira eno bwe yayogera ku Erimereki n'abomu maka ge nga bwe baali *"Abaefulaasi okuva e Besirekemu Yuda."* Bw'atyo Dawudi bwe bamwogerako mu byawandiikibwa mu kiseera we yattira Goliyaasi **1 Sam 17:12**: *"Awo Dawudi yali mwana wa Mwefulaasi ow'e Besirekemu Yuda."* Mu bufunze, ebyafaayo bya Luusi bikulu nnyo eri Yisirayiri. Younger awuumbawuumba, "Ewatali Luusi olunyiriri lwa Erimereki lwandizikiridde, n'olwa Bowaazi, era n'olwa Dawudi" (Younger 2002: 484). Ekyewuunyi kye tulina okujjukira kwe kuba ng'ebyafaayo bya Luusi byabaawo *"mu nnaku Abalamuzi mwe baafugiranga"* (**Luusi 1:1**) ekiseera *"nga tewali kabaka mu Yisirayiri"* (**Bal 17:6; 18:1; 19:1; 21:25**). Kino kitulaga obusukkulumu bw'enteekateeka ya Katonda n'obuyinza bwe ku byafaayo.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Ebiseera ebimu tutera okulowooza nti Katonda akola ku "bintu ebinene" ebiba mu nsi, so si mu bulamu bwaffe obwa buli lunaku. Ebyafaayo bya Luusi bikyusa bitya endaba y'ebintu bino?

- Endaba yebintu eno okuva mu byafaayo bya Luusi eyinza etya okutuyamba mu bulamu bwaffe obwa buli lunaku nga tusisinkanye okusomoozebwa nokubaako bye tusalawo?

2. Ekintu kimu ebyafaayo bya Luusi kye bitulaga nti by'ebikolwa ebirabika ng'ebitono n'embeera y'amaka erabika ng'eyali tewa ssuubi mu ngeri yonna, ate gye yalimu amakulu eg'ebyomwoyo ag'enkukunula ge tutasobola kutegeera oba okutebeereza. Lowooza ku kino.

- Ekigambo ekyo kiyinza kutuyamba kitya mu bulamu bwaffe?

3. Ebyafaayo bya Luusi bitulaga nti Katonda atera okukolerera mu ngeri ezirabika nga "za bulijjo" era: abeerawo era yenyigira mu nsonga z'obulamu (zombi, embi n'ennungi) naye nga talabibwa, tawulirwa, oba okuwunyirizibwa. Lwaki olowooza nti akola bw'atyo?

- Lwaki kikulu okukitegeera n'okukirowoozaako?

4. Abakristaayo abamu balowooza, "Bwe tuba mu bulamu *obwokusaasirwa* n'obwesigwa, olwo Katonda ajja kwanukula essaala zaffe era atuwe abaana, oba atuyambe mu by'enfuna (oba atuwe ekirala kyonna kye tusabira)." Wabula, ekyo si kituufu. Katonda tasuubizangako baana, bugagga, bulamu oba omukisa omulala eri buli mugogo gw'abafumbo abamwagala era abeesigwa oba Abakristaayo.

- Lwaki olowooza nti Katonda teyasuubiza buli bafumbo abamwagala era abeesigwa oba Abakristaayo okubawa abaana, obuggagga, obulamu, oba n'emikisa emirala okutwaliza awamu?

- Bizibu ki ebiyinza okubaawo singa tulowooza nti "Nga bwe tutambulira mu bulamu *obw'okusaasirwa* n'obwesigwa, olwo Katonda agenda kuba mwesigwa okwanukula essaala zaffe era atuwe n'abaana, oba atuyambe mu by'enfuna (oba mu bintu ebirala byonna bye tusabira)"?

- Tuyinza tutya okuvvuunuka embeera nga tubadde tutambulira mu bulamu *obw'okusaasira* n'obwesigwa naye ate ne twesanga, nga tuli mu katyabaga era nga Katonda alabika ng'ataliiwo?

- Tuyinza tutya—ffe ng'abantu baakinnoomu oba ng'ekkanisa—okuyamba ku bannaffe ababadde bakola abalala obulungi, wabula nabo, ne beesanga mu katyabaga nga Katonda alabika ng'ataliiwo?

H. ***Okufundikira: olulyo lwa Dawudi*** (**4:18-22**)

[18] Luno lwe lunyiriri lwa Pereezi: Pereezi yali kitaawe wa Kezulooni, [19] Kezulooni yali kitaawe wa Laamu, Laamu n'aba kitaawe wa Amminadaabu. [20] Amminadaabu yali kitaawe wa Nakusoni, Nakusoni nga ye kitaawe wa Salumooni; [21] Salumooni yali kitaawe wa Bowaazi, Bowaazi n'aba kitaawe wa Obedi; [22] Obedi yali kitaawe wa Yese, Yese n'aba kitaawe wa Dawudi.

ennyi. 18-22: Olulyo lwa Dawudi

Nga bwe twayogedde mu kwetegereza okwe 17, waggulu, bulijjo mu Bayibuli, endyo "baziranda" (kwe kugamba nti., amannya agamu gabuukibwa) olwe "kigendererwa ekiteeketeeke" (Younger 2002: 403). Younger akinokolayo nti "waaliwo enkola [mu Ndyo z'Abantu Ab'ebuvanjuba] okukoma ku bujjajja bwa mirundi etaano ku kkumi" (Younger 2002: 404; soma **Lub 4:17-24; 5:1-32; 11:10-26; 25:12-15; 1 Sam 9:1**). Amaliriza ng'agamba nti, "olw'okuba ng'endyo zeziteeka abantu mu bifo, n'obuyinza, mu bifo by'obufuzi n'etuttumu lyabwe mu kitundu, kati tusobola okumatizibwa nti Luusi 4:18-22, obutafaanana ng'okuddiriramu akatono emabega, watuggalirawo ekintu kyonna nga lutulaga eddagala eryafunibwa okumalawo ekizibu: obulamu bwa Nawomi n'obujjuvu bwe bwakomawo olw'okuzaalibwa kw'omulenzi Obedi. Okusalawo okwo kwe kwakulembera emirembe ebiri okutuuka ku Dawudi." (Younger 2002: 404)

Newakubadde ng'ebyololulyo n'ekitabo bimaliririza nga byogera ku Dawudi, naye Dawudi si y'enkomerero nga ye mu kitabo mu kitabo kino. Ekyo kiri bwe kityo kubanga mu 2 **Sam 7:1-17** mwe muli "Endagaano ya Dawudi" nga mw'eyo Katonda mweyasuubiriza okuyimusa ensigo eriva mu ye era *"eriteekawo obwakabaka obw'emirembe n'emirembe"* (**2 Sam 7:12-13, 16;** soma ne **Zab 89:29, 36-37**). Waliwo n'obunabbi obuwereko obwogera ku kino (**Yer 33:15-17; Ezek 37:24; Zek 12:7-10**). Kale nno, Dawudi ye ng'omuntu atusongera ku oyo omusukkulumu "Omwana wa Dawudi," ekitegeeza., Masiya, nga si mulala yenna wabula Yesu Kristo. Taata wa Yokaana omubatiza, ayitibwa Zekkaliya, kino yakiraba bwe yalagula ku kuzaalibwa kwa Yesu, *"Atenderezebwe Mukama Katonda wa Isirayiri, kubanga akyalidde abantu be, era abanunudde. Yatuyimusiriza obuyinza obw'obulokozi, mu nnyumba y'omuddu we Dawudi."* (**Lukka 1:68-69**). James Edwards agamba nti obulokozi buno "busigalawo nga bweyongera okukola era ng'ebyafaayo bya Yisirayiri bwe biri Katonda byazze nga y'eragiramu ng'anyweza obufuzi bwa Dawudi (olunyi. 69)" (Edwards 2015: 62). Ekirala, obunnabbi bwa Zekkaliya bugamba nti okujja kwa Masiya era n'obulokozi bwaleeta bwesigamye ku "kusaasira" kwa Katonda okuyitibwa mu Luyonaani *eleos* era mu Lwebulaniya nga *kwekusaasirwa* (soma Septuagint n.d.: Luusi 1:8; 2:20; 3:10; Edwards 2015: 62). AbaYudaaya baategeera enjogera "omwana wa Dawudi" nti etegeeza Masiya. Matayo atandika enjiri ye nga Yesu amuyita *"omwana wa Dawudi, omwana wa Ibulayimu"* (**Mat 1:1**). Yesu yabuuza Abafalisaayo ku kye balowooza ku Kristo: *"Mwana w'ani?"* Ne bamuddamu nti *"Mwana wa Dawudi"* (**Mat 22:42;** soma ne **Mak 12:35; ka 20:41**). Abalala abaalaba ku maanyi ga Yesu n'enjawulo ye baakozesa ekigambo *"omwana wa Dawudi"* (**Mat 9:27; 12:23; 15:22; 20:30-31; 21:9; Makko 10:47-48; Lukka 18:38-39**). Yesu yeeyita erinnya lino (**Makko 12:35-37**). "Bwe yawonya omuzibe w'amaaso e Yeriko naye eyamuyita omwana wa Dawudi, mu lwatu Yesu yakkiriza obuvunaanyizibwa buno [obw'okuba Masiya]" (Goppelt 1982: 87).

Okuzuukira kwa Yesu kulaga nti ye kwe kwali okutuukirizibwa kw'Endagaano ya Dawudi. Okwogera kwa Pawulo okukulu mu **Bik 13:16-41** kukwata ku butya Kristo bwe yali omulokozi eyasuubizibwa, ng'ava mu lulyo lwa Dawudi (**Bik 13:22-23**; soma ne **Abar 1:3-5**). Ensonga ye enkulu eri nti Katonda yatuukiriza ekisubizo kye eri Dawudi n'eri Yisirayiri ng'azuukiza Yesu okuva mu bafu (**Bik 13:30-37**). Okuyita mu kwogera kwe kwonna, ebigambo bya Pawulo byali byekuusa ku Ndagaano ya Dawudi mu **2 Sam 7**, nga

bwekifunzibwa mu Septuagint (soma Goldsmith 1968: 321-22). Mu **Bik 13:34**, Pawulo akinolayo nti Kristo azuukidde okuva mu bafu era n'olwekyo "*taliddayo mu kuvunda."* N'olwensonga eyo, awo ng'ajuliza ng'afunzafunza **Isa 55:3**, *"Ndikuwa omukisa omutukuvu era gwe nneekakasa ogwa Dawudi,"* ekyo "nga kitegeeza ekisuubizo ekyali mu Ndaaano ya Dawudi" era nga kisibuka ku "oyo omutukuvu" owa **Zab 16:10** [15:10, LXX] (Goldsmith 1968: 323-24). Mu bigambo ebirala, "Isa 55:3 alabibwa ng'atulaga nga Katonda bwe yatuukiriza ebisuubizo ebiri mu II Sam 7. . . . II Sam 7:15a ne16a byatuukirizibwa kubanga kaakti Yesu takyasobola kufa. . . . Ebintu ebizibu Endagaano Enkadde by'ejuliza mu Bik 13:33-37 si byabutanwa, naye by'ebintu bye beetegereza ng'aboogerako era nga birina n'obukakafu obw'ebyomwoyo eri Abayudaaya *butya* Katonda bwe yatuukiriza ekisuubizo kye mu II Sam 7—kwe kugamba, ng'azuukiza Yesu okuva mu bafu." (Goldsmith 1968: 324)

Bwe yali nga tannazaalibwa, malayika Gabulyeri yasuubiza Mariya nti Mukama aliwa Yesu *"entebe ey'obwakabaka eya jjajjaawe Dawudi. Alifuga ennyumba ya Yakobo emirembe gyonna, era n'obwakabaka bwe tebulikoma"* (**Lukka 1:32-33**). Bwe yamala okuzuukira, Yesu yagamba bayigirizwa be *"obuyinza bwonna bumpeereddwa mu ggulu ne ku nsi"* (**Mat 28:18**). Ku lunaku lwa Pentekoote Peetero yannyonnyola bulungi nnyo butya Kristo bwe yatuukiriza Endagaano ya Dawudi okuyita mu kuzuukira kwe n'okulinnya kwe mu ggulu (**Bik 2:22-36**). Peetero akwataganya kino ng'ajuliza **2 Samwiri 7** ne **Zabbuli 16:8-11; 110:1**, ne **132:11** ng'akakasa ekiriwo nti "*okutuula ku ntebe ya Dawudi kifaanagana n'okutuula ku mukono gwa Katonda ogwa ddyo.* Mu ngeri endala, okuzuukira kwa Yesu n'okulinnya mu ggulu n'atuula ku mukono gwa Katonda ogwa ddyo kireetebwa mu maaso nga Peetero atulaga ekisuubizo Kyendagaano ya Dawudi eyatuukirizibwa" (Bock 1992: 49, emph. in orig.). bwe yalinnya mu ggulu ekitundu kyEndagaano ya Dawudi ekisembayo ne kituukirizibwa— "ensigo" ya Dawudi ey'amazima, Omwana wa Katonda n'atuula ku "namulondo ya Dawudi" eyo gy'alamulira nobuyinza bwonna (soma **Makko 16:19; Lukka 22:69; Bef 1:20-23; Bak 3:1; Bef 1:3; 1 Peet 3:21-22; Kub 1:5; 3:21**).

Ebyafaayo bya Luusi tebitulaga bulazi amaka agafuna akatyabaga, ne gataasibwa oluvannyuma oba okuddamu okutabaganya Yisirayiri ng'eggwanga, naye byogera ku muntu eyafuuka namuzigay'ebyafaayo byonna, Yesu Kristo, nga ye Mukama era Omulokozi w'ensi. Wadde nga Obedi ayitibwa "omununuzi" mu **Luusi 4:14**, Yesu ye mununuzi ow'enkomeredde (**Lukka 1:68; Lub 3:13; Tito 2:14**). Mu mboozi ye eyamateeka ga Bayibuli, David Daube agamba, "ekirowoozo kya Katonda oba Yesu okununula olulyo ly'omuntu okuva mu kibi n'okuzikirira, kirabika nga kyali kirowoozo eky'eddiini, nga kyava mumateeka ag'edda agalamulanga abalemereddwa okusasula n'abatemu, olw'okukuuma ebika n'okusigaza obusika bwabyo [ekitegeeza., kwe kuteekawo *go'el*]" (Daube 1969: 59). Robert Hubbard agattako nti w'ofiisi e*y'omununuzi* "yayamba Yisirayiri okubatangira okuva ku mpisa ey'omululu, n'amapaati [amalala agayitiridde n'okwegulumiza], n'obugayaavu. . . . Amateeka gaafuula Yisirayiri ng'ensi okubeera n'ekisa n'obukkakkamu. Kale nno, okusinziira ku ndaba y'Endagaano Empya, gaali galangal okujja kw'Omununuzi Omukulu, oyo eyasasulira okununulibwa n'omusaayi gwe." (Hubbard 1991: 19) Younger amaliriza, "N'olwekyo si kizibu okulaba ng'Endagaano Empya etaputa okufa kwa Kristo ng'ekozesa ekigambo omununuzi. Yesu okukola *ng'omununuzi* ow'oku ntikko kirabikira ku mazima nti takwatibwa nsonyi kutuyita 'baganda be' (Bef. 2:11)." (Younger 2002: 401) Okutwalira awamu, "*Omununuz*i Omukulu" ye Yakuwa kennyini. Abantu nga Bowaazi, Luusi, n'Abakristaayo aboolesa *okusaasira* era ne bakola ne "*by'okununula*" babeera bakozi ba Yakuwa olw'omulimu gwe omutukuvu n'obuweereza obw'oyo *omununuzi* eyafuuka omuntu, Yesu Kristo (soma Younger 2002: 401, 489). Kale nga tebakitegeera, Nawomi, Luusi, ne Bowaazi baali bazannyi mu muzannyo ogwalimu amakulu og'olubeerera. Ekintu kye kimu naffe kisobola okutwogerwako.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Olulyo, okusingira ddala nga lwogera ku Dawudi, lutusongera lutya ku Yesu Kristo?

- Kisoboka kitya, bwe kiba nga kisoboka okukyusa ku ndaba yo ey'ekitabo kino?

EBIWANDIIKO EBIJULIZIDDWA

Alter, Robert. 1981. *The Art of Biblical Narrative.* New York: Basic Books.

Baldwin, J. G. 1970. "Ruth." In *The New Bible Commentary,* 3rd ed., ed. D. Guthrie, et al., 277-83. Carmel, NY: Guideposts.

Bauckham, Richard. 1995. "Tamar's Ancestry and Rahab's marriage: Two Problems in the Matthean Genealogy." *Novum Testamentum* 37: 313-29.

Bernstein, Moshe. 1991. “Two Multivalent Readings in the Ruth Narrative.” *Journal for the Study of the Old Testament* 50: 15-26.

Block, Daniel. 1999. *Judges, Ruth* (NAC 6). Nashville: Broadman & Holman.

Bock, Darrell. 1992. “The Reign of the Lord Jesus Christ.” In *Dispensationalism, Israel and the Church,* ed. Craig Blaising and Darrell Bock, 37-67. Grand Rapids, MI: Zondervan.

Britannica, The Editors of Encyclopaedia. 2022. “levirate.” *Encyclopedia Britannica.* Online: https://www.britannica.com/topic/levirate.

Brotzman, Ellis. 1994. *Old Testament Textual Criticism: A Practical Introduction.* Grand Rapids: Baker.

Bush, Frederic. 1996. “Ruth 4:17: A Semantic Wordplay.” In *“Go to the Land I Will Show You”: Studies in Honor of Dwight W. Young,* ed. Joseph Coleson and Victor Matthews, 3-14. Winona Lake, IN: Eisenbrauns.

Carson, D. A. 1984. “Matthew.” In *The Expositor’s Bible Commentary,* vol. 8, edited by Frank Gaebelein, 3-599. Grand Rapids, MI: Zondervan.

Cohen, Jeffrey. 2021. “The Romance of Ruth, the Ruse of Boaz, and the *Go’el*’s Real Fear.” *Jewish Bible Quarterly* 49: 180-86.

Daube, David. 1969. *Studies in Biblical Law.* New York: Ktav Publishing House, Inc.

Davies, Eryl. 1983. “Ruth IV 5 and the Duties of the Go’el.” *Vetus Testamentum* 33: 231-34.

Dorsey, David. 1999. *The Literary Structure of the Old Testament.* Grand Rapids: Baker.

Edwards, James, *The Gospel According to Luke* (PNTC). Grand Rapids: Eerdmans.

Fee, Gordon. 1984. “The ‘Gospel’ of Prosperity—an Alien Gospel.” *Reformation Today* 82: 39-43.

Goldsmith, Dale. 1968. “Acts 13:33-37: A *Pesher* on II Samuel 7.” *Journal of Biblical Literature* 87: 321-24.

Goppelt, Leonhard. 1982. *Typos: The Typological Interpretation of the Old Testament in the New.* Translated by Donald Madvig. Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Gow, Murray. 1992. *The Book of Ruth.* Leicester, England: Apollos.

Hals, Ronald. 1969. *The Theology of the Book of Ruth.* Philadelphia: Fortress.

Harrison, R. K. 1989. “Ruth.” In *Evangelical Commentary on the Bible,* ed. Walter Ewell, 179-87. Grand Rapids: Baker.

Hitti, Edwin. 2019. “Bathsheba the King’s Mother a Hittite?” *Linkedin.* Online: https://www.linkedin.com/pulse/bathsheba-kings-mother-hittite-lord-edwin-e-hitti/.

Hubbard, Robert. 1988a. *The Book of Ruth* (NICOT). Grand Rapids: Eerdmans.

_____. 1988b. “Ruth IV 17: A New Solution.” *Vetus Testamentum* 38: 293-301.

_____. 1991. “The *Go’el* in Ancient Israel: Theological Reflections on an Israelite Institution.” *Bulletin for Biblical Research* 1: 3-19.

Huey, Jr., F. B. 1992. “Ruth.” In *The Expositor’s Bible Commentary,* vol 8, ed. Frank Gaebelein, 509-49. Grand Rapids: Zondervan.

Jones, Jean. 2012. “Telescoped Genealogies: Was Rahab the Mother of Boaz?” *jeanjones.net.* Online: https://www.jeanejones.net/2012/10/was-rahab-the-mother-of-boaz/#comments.

Kadari, Tamar. 1999. “Tamar: Midrash and Aggadah.” *Jewish Women’s Archive.* Online: https://jwa.org/encyclopedia/article/tamar-midrash-and-aggadah.

Kaiser, Jr., Walter, et al. 1996. *Hard Sayings of the Bible.* Downers Grove, IL: Intervarsity.

Lusk, Rich. 2003. The Galatian Heresy: Why We Need To Get It Right," *Theologia.* Online: http://hornes.org/theologia/rich-lusk/getting-the-galatian-heresy-right.

Menn, Jonathan. 2016. *Biblical Stewardship.* Online: https://www.eclea.net/courses.html#stewardship.

Moo, Douglas. 1989. "James." In *Evangelical Commentary on the Bible,* ed. Walter Elwell, 1150-62. Grand Rapids: Baker.

Morrison, Michael. 2022. "Old Testament Laws: Harvest Seasons of Ancient Israel." *Grace Communion International.* Online: https://archive.gci.org/articles/harvest-seasons-of-ancient-israel/.

Nielson, Kathleen. 2022. "Knowing the Bible: Ruth and Esther." *The Gospel Coalition.* Online: https://www.thegospelcoalition.org/course/knowing-the-bible-ruth-and-esther/#week-2-returning-to-bethlehem-ruth-1.

Phiri, Isabel Apawo. 2006. "Ruth." In *Africa Bible Commentary,* ed. Tokunboh Adeymo, 319-24. Nairobi: Word Alive.

Piper, John. 2010. *A Sweet and Bitter Providence.* Wheaton, IL: Crossway.

Septuagint. Not dated. Online: https://www.ellopos.net/elpenor/greek-texts/septuagint/chapter.asp?book=8.

Smith, Louise, and James Cleland. 1953. "Ruth." In *The Interpreter's Bible,* vol. 2, ed. George Buttrick, et al., 829-52. New York: Abingdon.

Warner, Megan. 2022. "Tamar (Genesis)." *Bible Odyssey.* Online: https://www.bibleodyssey.org/en/people/related-articles/tamar-genesis.

"Was Bathsheba a Hittite?" 2021. *Biblical Hermeneutics Stack Exchange*. Online: https://hermeneutics.stackexchange.com/questions/70839/was-bathsheba-a-hittite.

Wilson, Jared. 2017. "As God Lives." *The Gospel Coalition.* Online: https://www.thegospelcoalition.org/blogs/jared-c-wilson/as-god-lives/.

Younger, K. Lawson. 2002. *Judges and Ruth* (NIVAC). Grand Rapids: Zondervan.

Zodhiates, Spiros. 1993. *The Complete Word Study Dictionary: New Testament,* rev. ed. Chattanooga, TN: AMG.

OMUWANDIISI

Jonathan Menn abeera mu Appleton, WI, Amerika. Yafuna diguli ya B.A. mu by'obufuzi okuva mu Yunivasite y'e Wisconsin-Madison, n'ebitiibwa, mu 1974, era n'ayingizibwa mu kibiina ky'ekitiibwa ekya Phi Beta Kappa. Oluvannyuma yafuna diguli ya J.D. okuva mu Cornell Law School, magna cum laude, mu 1977, era n'ayingizibwa mu kibiina kya Order of the Coif legal honor society. Emyaka 28 egyaddirira yagimala ng'akola mu by'amateeka, nga munnamateeka w'emisango gy'amateeka, mu Chicago n'oluvannyuma ng'omukwanaganya mu Menn Law Firm e Appleton, WI. Yafuuka omukkiriza era omugoberezi wa Yesu Kristo mu 1982. Okwagala okweyongera mu by'okutegera katonda n'obuweereza kwamuviirako okusoma Master of Divinity mu Trinity Evangelical Divinity School e Deerfield, IL. Yafuna diguli ye eya M.Div. okuva mu TEDS, summa cum laude, mu May 2007. Wakati wa 2007-2013 yali Dayirekita wa Equipping Pastors International mu buva njuba bwa Africa. Kati Jonathan ye Dayirekita wa Equipping church leaders-East Africa (www.eclea.net). Ebiwandiiko bye ebingi eby'okusomesa ku nsonga za Bayibuli bisangibwa ku mukutu gwa www.eclea.net. Jonathan oyinza okumutuukirira ku: **jonathanmenn@yahoo.com**.